# Ebidiba Ebyasimwa

Jeffersonville, Indiana, USA

Julaayi 26, 1964

1 Leka tusabe. Mukama, kaakati tukkiriza. Tukkiririza mu Mwana wa Katonda, era, okuyita mu kino tukkiriza Obulamu Obutaggwaawo. Kaakano tukuŋŋaanye nate, ettuntu lya leero, oba akawungeezi ka leero, mu lukuŋŋaana olulala nate, nga tukwesize olw'Obubaka era ne ku lw'ekyo ky'ogenda okutugamba leero. Tukukkiriza Ggwe, Mukama, era tulindiridde Ggwe. Era Wagamba nti, "Abo abalindirira Mukama balizzibwamu buggya amaanyi gaabwe; balibuuka mu bbanga n'ebiwaawaatiro ng'empungu." Era Katonda waffe, tusaba otuwe amaanyi agabuuka waggulu, leero, nga bwe tukulindirira.

Tukwebaza ku lw'abantu bano, ne ku lw'ekyo kye bategeeza gy'Oli era ne kye bategeeza gye ndi. Nkwebaza Kitange olw'ekyo. Bano bya muwendo Byo. Katonda wage ra nsaba, nti olwa leero Ojja kwerabisa mu kkubo, gye bali, mu bwetaavu bwe balina. Bwe wabeerawo omulwadde wano, leka bawonyezebwe. Bwe waba nga waliwo okubuusabuusa mu birowozo by'omuntu yenna; Mukama kuggyeewo. Era Otuwe Okubeeraawo Kwo n'emikisa Gyo, kubanga tugyetaga, Mukama. Ye Ggwe ebitumala byaffe byonna. Era, Ggwe w'Otoli, tetulina kye tuyinza kukola.

Tusaba nti Ojja kutwala okwebaza kwaffe ku lw'ebyo byonna by'Okoze. Mu Linnya lya Yesu Kristo tulindiridde emikisa Gyo. Amiina

Musobola okutuula.

2 Kale, obudde buweweevu ekiro kino ekya Sande, munda wano, okusinga bwe kyabadde ku kiro kya Sande eyise. Tusima nnyo baganda baffe abakoze n'obwesige obungi okuleetawo kino. Mmanyiiko babiri oba basatu ku abo. Ow'oluganda Mike Egan, nga bwe ndaba emabega eyo, era ow'oluganda, era. . . ow'Oluganda Sothmann, ow'Oluganda (nzikkiriza) Roy Roberson, n'OwoLuganda Woods, n'abalala bonna, babaddewo wano nga batuuyana, nga bagezaako okutereeza tusobole okuba n'Obubaka kakaano, oba leero. N'olwekyo tubeebaza.

3 Kaakati, amakya ga Sande eddako, Mukama bw'anaba ng'akkiriza, njagala okuba n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, okusabira abalwadde. Era tujja kugiwaayo olw'olukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa, Mukama bw'Anaba akkiriza.

Nnina kye ndabye, amakya ga leero, wano waliwo entuumu y'obutambaala. Nnabusabidde. Era, bwe mbadde nga musaba n'okuyimba. Nnasabidde obutambaala; wabula waliwo obulala wano ekiro kya leero. N'olwekyo, tu - tukkiriza nti Katonda Awonya abalwadde. Obujulizi bungi obw'okuwonyezebwa mu masekkati gaffe, n'okwetooloola ensi, era tuli basanyufu olwa kino.

Era nnalowoozezza, ku Sande ejja, bwe kiri nti ŋŋenda kuba nga siriiwo okumala akaseera, ate nga tubadde twekuumidde nnyo ku kuyiga Obubaka, nti nnalowoozezza nga kijja kuba kintu kirungi bwe tubeera n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, ne tusabira abalwadde. Era twesiga nga Katonda Ajja ku tuwa akaseera akalungi.

4 Kaakati, bangi ku mmwe mulina okuvuga mayiro nnyingi olwa leero. N'olwekyo nnabadde njogera n'ebibiina eyo ku Blue Boar Cafeteria, olwa leero, bwe nnabadde ku ky'eggulo. Abantu abalungi bangi, ne bankwatako mu ngalo era ne jongera nabo, abantu be nnali sirabangako, abajja wano ku Kkanisa. Era ndi musanyufu ku lw'emikwano ng'egyo, era njagala okwebaza buli ssekinnoomu ku mmwe. Abamu ku bo baafunyee enkenene, ne batuleetera. Era omu yatuleetedde baketi y'ekyokunywa, oba sukaaliggulu, nzikkiriza bwe zaabadde, era - era bintu byokka. Tomanyi ekyo kye kitegeeza. Era ku makya, nnazuukuse ne nfuluma mu nnyumba, obw'olumu mba. . .

5 Amakya agaddako waliwo ow'oluganda awo eyali obubi ennyo, yali talina ngoye n'ebintu, nnali njagala ku mu funirayo engoye. Bwe nnatandika, kaabula kata ntomere baketi y'enkene etali eteereddwa wansi awo. Ne ŋŋamba nti, "Ggwe aleese enkenene zino?"

Ye n'aŋŋamba, nti "Nedda, sirina kye nkimanyiiko. Nzize wano ku makya, era zibaddewo wano." Era yali muganda wange omulungi Ruddell eyali abindeetedde. Era ebintu ebyo mazima mbisiima.

Billy Paul yakaŋŋamba, nti abamu ku bantu abali mu kibiina kino olwa leero, baawaaddeyo ekiweebwayo, nga kyange. Mbeebaza olw'ekyo. Nze nnali ssaagala mukole ekyo. Nze - nze nsiima busiimi okufuba kwammwe, era n'ebirala byonna, naye ekyo ky'abadde nga tekyetaagisa. Era, naye, Mukama abawe omukisa. Omanyi, omanyi, Baibuli yagamba nti, "mu byonna nga bwe mwabikolera omu ku abo abato, mwabikolera Nze."

6 Kakaano, mbadde nninga ayogera gye muli, ku Bubaka, mu bulambulukufu. Era nze. . . abantu abamu bayinza okuba nga bali mu kwewuunya nti-nti ndowooza nti Yesu Agenda kukomawo ku makya oba leero. Yee, bwe nzikiriza. Kakaano, sigambye nti Agenda kujja. Era. Nate ayinza obutajja wiiki ejja, era kiyinzika okubeera omwaka ogujja, kiyinzika okubeera emyaka kkumi. Simanyi ddi lw'agenda kukomawo. Naye waliwo ekintu kimu kye njagala. . . buli kiseera mu beere nakyo mu birowoozo, mubeere beetegefu buli

ddakiika oba buli ssaawa. Mukiraba? Nti, bw'Aba tazze lwa leero, Ayinza okuba wano enkya. N'olwekyo kuumira ekyo mu birowoozo byo, nti Ye ajja.

Era simanyi kiseera ki ekigenda okuba essaawa yange esembayo ku nsi kuno, newankubadde omuntu yenna ku ffe. Era tewali yadde n'omu ku ffe amanyi lw'Agenda okujja. Naye yennyini Tamanyi, okuyita mu Bigambo Bye byennyini; Yagamba nti, "Kitange, yekka, y'Amanyi lw'Anajja; n'omwana yennyini tamanyi ddi lw'Anajja." Awo Katonda lw'Anaamutusindika nate. Wabula ffe tuli mu kunoonya okujja Kwe. Era bw'Atajja mu mulembe gwange, Ayinza okujja mu guddako; bw'Atajja mu ogwo, Ajja kujja mu gunnaddako. Naye ku lwange, sirabayo wadde n'ekiseera ekisigaddeyo. Nze. . . gye ndi, kisobola okubeerawo essaawa yonna. Kakaano, ekyo tekitegeeza, kakaati, nti mugenda kulaba Eggulu nga likyuse era ne . . . okwo si kwe kujja kwe njogerako. Ndi mukwogera ku Kukwakkulibwa.

7 Mukiraba? Akola okujja kwa mirundi esatu. Ajja mu mannya g'omwana emirundi esatu. Ajjira mu busatu; Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. mulabe nga gonna ye Kristo omu, Katonda y'Omu, ekiseera kyonna. Kakaati, tumanyi nti Ajja kuleeta emirimu gya mirundi esatu egy'ekisa;okugibwako omusango, okutukuzibwa, n'okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Byonna, mu Katonda, Atuukirizibwa mu busatu.

Era n'olwekyo Yajja, okusooka, okununula Omugole We. Ajja, ogw'okubiri, ng'okukwakkulibwa, okutwala Omugole We, Ajja, ogw'okusatu, ng'Ali wamu n'Omugole We, Kabaka ne Nnaabakyala we; oluvannyuma, awo abantu abasinga obungi we basuubirira okujja Kwe.

Naye bw'Ajja ku mulundi guno, wayinza obutabaawo bajja kumanya ddi lw'Anajja okuggyako abo abanaaba beetegese. Wajja kubeerawo okubulawo kw'abantu. Tebajja kumanya kiki ekibatuuseeko. Bajja kukwakkulibwa baggibwewo, mu kaseera katono nnyo, era babeere nga tebakyalabika. "Okukyusibwa mu kaseera akatono, mu kutemya kw'eriiso." N'olwekyo beera mwetegeefu olw'ekyo. Kijja kuba kya ntiisa amakya agamu ng'omwagalwawo akubuzeeko, tewali n'ommu ayinza kubazuula. Tekibeere kibi nnyo okumanya nti Okukukkulibwa kuyise ng'okusubiddwa? N'olwekyo weekuumire mu maaso ga Katonda.

8 Kaakati, wiiki ejja, Mukama bw'Anaba nga'Ayagadde, olwa Mande olujja, okuva ku Mande ya wiiki eno, Katonda bw'Anabanga Ayagadde, ŋŋenda kuzzaayo famire mu Arizona, eyo gye basomera, awo nno nze nkomewo.

Kale, sigenda wabweru eyo. . . sirinaayo nkuŋŋaana ebweru eyo zakubeeramu. Sitera kubeera mu Arizona. Mbeera ŋŋenze walala. Nja kutwala omukyala ebweru eyo, ku Mande ejja, nkomewo wano nate. Nja kuva wano ŋŋende mu British Columbia. Nkomewo mu Colorado. Mbeere mu Arizona nate nga Ssekukkulu eri kumpi kutuuka, okumala obudakiika nga butono, nga nduddewo ekimala. . . oba oli awo ennaku bbiri oba ssatu, nkuŋŋaanye aba famire wamu, nkomewo wano okuyita mu luwummula lwa Ssekukkulu, Mukama bw'Anaba Ayagadde, tubeere n'olukuŋŋaana okuyita mu wiiki y'omwaka omuggya wano.

9 N'olwekyo naye okusinga mbeera wano, mu buliwo. Wano mbeerawo emirundi kkumi okusinga bwe mbeera ebweru eyo, kubanga tetulina Kkanisa yonna oba olukuŋŋaana lwonna bweru eyo, tetulina kintu kyonna bweru eyo, n'olwekyo, mu ngeri y'olukuŋŋaana lw'omu Kkanisa. Ky'ekyo ekibi ekiruliko. Sirinnaayo kifo kusindikamu baana okuwulira Obubaka buno, ng'abaana bammwe bwe babuwuliramu wano, era - era bwe bulemu bwe tulina wano. Naye bonna bali bulungi nnyo. Embeera y'obudde eno eyokya ate nkalu; embeera y'obudde nkalu, naye abaana bonna balabika bulungi nnyo. Nze siberayo bbanga ppanvu kimala okumanya oba ng'embeera y'obulamu nnungi oba nedda. Buli kiseera mbeera ndi mu kutambula, era nteebereza nnazaalibwa ndi mutambuze.

Mukyala wange ampita. . . mmanyi nga wali wano, n'olwekyo kino nja ku kifuna oluvannyuma lw'Ekkanisa, mwenna mumanyi. Ekyo bwe kiyitibwa, empewo ezisenguka, oba empewo ezitawummula, oba kyonna kye kiri, mumanyi, omusenyu ogusenguka? Oba, ekitegeeza buli kiseera mbeera mu kutambula. Era naakamala mu bufumbo emyaka abiri mu ebiri, era n'olumu mpulira nga nninga omugwira mu nnyumba, kubanga mba nnina gye ŋŋenda.

Naye nnindiridde ekiseera bwe tulibeera nga tukkalidde ewaffe emmanga eyo olunaku olumu. Naye kakaati olutalo lukyagenda mu maaso, n'olwekyo tubeere mu kusaba.

10 Temwerabira, amakya ga Sande ejja, Mukama bw'Anaba Ayagadde, muleete abalwadde bammwe n'abo abanyigirizibwa. Mujje kumakya, mwefunire ekifo, era oba oli awo waliwo ekibinja eky'okusabira. Tulina okugaba kaadi ez'okusabirwa. Bwe kiba ng'eziriwo tezimala, tetugenda kugaba kaadi za kusabirwa, zino zimala bumazi okuteekawo olunyiriri olutono olw'abantu nga daziini bbiri oba ssatu, oba bwe kityo. Wabula tujja kugaba kaadi ez'okusabirwa, n'olwekyo tujja kukikola oba oli awo tukikole mu ssaawa ng'emu ng'olukuŋŋaana olwa bulijjo telunnaba kutandika, kye ndowooza kitwala. . . kijja kuba, munaana, munaana oba kinaana mu ssatu, bajja kugaba kaadi ez'okusabirwa; mugguleewo Ekkanisa, mugabe kaadi ez'okusabirwa amakya ga Sande ejja. Era awo obeere mu kakafu okubeera wano ku lwe. . . muleete abaagalwa bammwe, mu bateeke munda awo. Kijja kuba kirungi nnyo era kyamulembe mu Kkanisa, bwe

baba nga balwadde, era tujja kukola kyonna kye tusobola tubasabire.

Mwebale, nate, olw'ekirabo eky'okwagala.

11 Era kakaano tugenda kusoma ebimu ku Bigambo bya Katonda, olwa leero, era mwetegeke ku lw'ekigenda okubeerawo nate Okubeerawo Kwe okutuleetera Ekigambo Kye nate. Kakaano, tukimanyi nti tusobola okusoma ekitundu, naye Katonda Alina okutubikkulira amakulu. Mulaba? Tusobola okusoma ekitundu, naye Katonda Alina okutubikkulira amakulu. Era nga bwe mukyukira mu Kitabo kya Yeremiya, essuula ey'okubiri.

Njagala okugamba nti ndi musanyufu okubeera, naffe, ow'Oluganda Lee Vayle, ow'oluganda ow'omuwendo mu Mukama. Era ndowooza wano, ow'oluganda ono wano, sisobola kulowooza linnya lye, ow'Oluganda Willard Crase. Era ndabye n'aboluganda okuva mu Arkansas, ow'Oluganda John era nabo, okuva wano Poplar Bluff, era ow'Oluganda Blair. Era, Oo, ow'Oluganda Jackson, n'Owoluganda Ruddell, era n'abala be sisobola. . . kale singa nnyinza okuyita buli linnya lya buli muntu, naye sisobola kukikola ekyo, era mutegeera ow'Oluganda Ben Bryant, mulaba atudde wano; oyo ke katundu kange aka Amiina bwe mba. . . buli muntu amanyi Ben ku lw'eddobozi lye. Huh-uh.

12 Ffe twali eyo mu California olunaku lumu, nnali mbuulira Obubaka abantu Ababaptist eyo mu kiwonko. Baalinayo weema ennene, era bali Ababaptist ab'ebitiibwa. Ssaasobola kuwulirayo "amiina" yonna okuva awantu wonna; omanyi, abakyala abamu baba batya okusimuula langi zaabwe mu maaso. Era nate, ekintu ky'osooka okumanya, olwo nnasobola okulaba ebigere bwe bityo, nga bigenda mu bbanga, n'emikono eminene ebiri, n'enviiri enzirugavu nga zeenyeenya, nga zireekaana "amiina" ng'aleekana bw'atyo. Era ne ntunula wansi, ne ngamba nti, "Ben, oviiridde wa?" yali mazima aleekana "amiina."

Ne ndaba mukyala we ng'amutunuulirako. Enviiri ezo enzirugavu zitandise okumuggwaako, naye ekyo mukimany si kibi. Tokyeraliikirira ekyo. Ne zange zaavako, ebbanga gwanvu emabega.

Kaakano, temweelabira kusaba.

13 Kaakati nga tugenda mu kiseera eky'obwesimbu oky'olukuŋŋaana, jjukira, bwe tusoma Ekigambo kino, awo Katonda Ajja kuwa Ekigambo Kye omukisa. "tekijja kudda gy'Ali nga kyereere, wabula kijja kutuukiriza ekyo ky'Akitumidde okukola." Era mmanyi, mu kusoma Ekigambo, nja kubeeranga mutuufu. Bwe nsoma Ekigambo, Katonda Ajja kussaamu Ekigambo Kye ekitiibwa.

Kaakano leka tuyimirire ku bigere byaffe nga tussaamu Ekigambo ekitiibwa. Yeremiya, essuula ey'okubiri, olunyiriri olw'ekkumi n'ebiri n'ekkumi n'essatu mu Yeremiya.

*Samaaliririra ekyo, ggwe eggulu, otye ekitatiika, owuubaale nnyo, bw'ayogera Mukama.*

*Kubanga abantu bange bakoze ebibi bibiri; bandese nze oluzzi olw'amazzzi amalamu, ne beesimira ebidiba, ebidiba ttanka z'omu ttaka, ebitayinza kubaamu mazzi.*

Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano.

14 Katonda Omwagalwa, Ekigambo Kyo kisomeddwa. Era tusaba nti Ojja kuwa Ekigambo Kyo ekitiibwa era Otuwe olugero lwakyo oba ky'ekifaananyiriza; nga bwe tutunuulira ennaku ezaayita, eza ba Isiraeri, nga eky'okulabirako, nga Bayibuli bw'etusomesa nti tusobola okulaba kye Wabakola bwe baagondera Ekigambo, okulaba kye Wabakola nga bajeemedde Ekigambo, era tuyige kye tulina okukola. N'olwekyo, tusaba nti Oyogere naffe ekiro ky'olwa leero mu ngeri ey'enjawulo, nti tusobole okumanya engeri y'okweyisaamu mu nnaku zino, ze twasomye amakya ga leero ze tulimu. Ekyo tukisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Musobola okutuula.

15 Njagala okwogera olwa leero ku mutwe, okumala akaseera akampi ku: *Bidiba Ebyawummuka*.

Isiraeri yali ekoze ebibi bibiri ebinene. Katonda Yagamba nti baali bamuvuddeko, Ye Oluzzi olw'amazzi Amalamu, era nga beesimidde ebidiba okunywamu amazzi. Kaakano, ekyo kye kinyusi.

Ensonga eyandowoozesezza okusoma ku kitundu kino yabadde nti kijja kufaanagana n'ekyo kye mbadde njogerako enkya ya leero, ku ssaawa gye tulimu, era y'ensonga ey'okulafuubana kwaffe.

16 Era tutunuulira Isiraeri ng'eky'okulabirako, anti, ekyo Katonda kye Yali, era Alina okusigala ng'Ali ekyo ky'ekimu. Era waliwo ekintu kimu Katonda kye Yali asizzaamu ekitiibwa, era eyo y'engeri Ye gye Yateekerawo abantu Be. Era bwe baava mu kkubo eryo, olwo Katonda yali Ayisiddwaamu amaaso, era Katonda Yaleetera abantu okubonaabona olw'okuva ku kye Yali abagambye okukola, sinsonga kyali ki.

Yabawa n'etteeka, "Temukikwaatangako, temukikomangako, temukiregangako, temukombangako." Nga si lwa kibi kiri mu ku kikola, wabula obubi obuli mu kujeemera ekyo kye Yali abagambye okukola. Era bulijjo tewasobola kubeerawo tteeka nga tewali kibonerezo ku tteeka eryo. Kubanga, bwe waba nga

tewali kibonerezo, olwo etteeka liba teririna makulu okuggyako nga lirina ekibonerezo. Etteeka!

17 Kaakano, tukizuula nti, kye baakola mu nnaku ezo kifaananira ddala n'ekyo kye tukola olwa leero, abantu b'ekkanisa kye bali mu kukola.

Kaakano tulaba ekintu ekyewuunyisa wano. Kiyinza okuba nga kipya eri abantu abamu, bwe Yagamba nti, "Mwesimidde, beesimidde, ebidiba, ebidiba ebya wummuka." Oba olyawo abamu kumwe temumanyi ekiyitibwa ekidiba. Bameka ku mmwe abamanyi ekiyitibwa ekidiba? Kale, abasing ku mmwe. Bw'oba wali okuliddeko ku faamu, omanyi ekidiba kye kiri. Nzijukira nyweddeko n'ebiwuka bingi okuva mu byo, okusobola okutegeera amazzi g'ekidiba kye gali.

18 Nnabuulirako eyo mu ggwanga, ng'oli mukisikirize ky'omuti, ng'oyinza okuba n'ensuwa y'amazzi g'ekidiba amangi nga gali awo, nga gava mu nkuba, okimanyi, nga galinga agakadiye. Kati awo ebiwuka ekiro, ne biyingiramu. N'olwekyo mmanyi amazzi g'ekidiba kye gali.

E - ekidiba kibeera kifo oba ekintu ekisimiddwa wansi, okuba ng'oluzzi. Abantu bwe bataba na luzzi, kaakati olwo, basima ekidiba. Ekitegeeza, ekidiba ebeera ttanka ng'ekoleddwa abantu oba oluzzi lw'omuttaka olusimiddwa abantu, abantu lwe beesimidde, okufuna amazzi, oku - okulukozesa. Abamu ku bo bagakozesa okwoza, abamu bagakozesa okunywa, n'engeri ez'enjawulo, oba oli awo. Amazzi gonna ebiseera ebisinga, ge twafunanga, gaavanga mu kidiba. Wabeerangawo ekintu ekikadde kye walinanga okwetoolooza, ne weetoolooza, ne weetooloza, n'okyetooloza, okukuŋŋaanya amazzi waggulu; kyalinangako obulobo, okukusena amazzi okuva mu kidiba.

Kale, tulaba ekyenjawulo wakati w'ekidiba n'oluzzi emu. Kaakano, ekidiba kisobola okukalira. E- e - ekidiba tekisobola kwejjuzza mazzi. Te- te- tekyesigika. Tosobola kwesigama ku kidiba. Kirina okwesigama ku kubeerawo kw'enkuba etonnya mu biseera byayo oba mu biseera by'obunnyogovu, kyonna kye kiri. . . ebiseera ebisinga, mu bunnyogovu, omuzira n'enkuba bwe bijja, olwo amazzi ne gakulukuta okugenda mu bidiba. Era bwe kitafuna mazzi, olwo muba temulina mazzi yadde. Kyonna kyonna kikalira. Era tekisobola kwejjuzza mazzi. Ekidiba ekikadde tekisobola kwejjuzza kyokka. Kifuna okujjuzzibwa okuva mu nkuba etonnya.

19 Era njagala mwekkaanyeeyo ekintu ekirala ku kidiba. Ebiseera ebisinga, osanga, oba engeri gye kyalimu ewaffe, ekidiba. . . ebiseera ebisinga ekiyumba ky'ensolo kibeera kikubisaamu obunene bw'enyumba emirundi ebiri, era ebiseera ebisinga amazzi gava ku kiyumba kino ne gagenda mu kidiba. Nzijukira ekidiba ekyo ekikadde eyo, bwe kyali. . . bwe kyali ng'engogo z'amazzi zikulukusa amazzi okuva ku kiyumba kino. Zaafunanga amazzi okuva ku kiyumba kino.

Olwo amazzi ne gakulukuta okuva ku bbaati ly'ekiyumba ky'ensolo; ensolo we zirinnyirira wabweru w'ekiyumba ky'embalaasi, era obukyafu bwonna obuvudde wansi ne bukuŋŋaana waggulu ku kiyumba, mu biseera eby'akasana. Era olwo amazzi bwe gajja ne gabwoza okuva ku baati, byonna biggukira mu kinywero ky'ensolo ekyakolebwa abantu, ne gayita mu mudumu, olwo ne gagenda mu kidiba ekisimidwa abantu. Bw'oba tofunye katyabaga, simanyi ky'oba ofunye, ng'olina ekidiba. Yee, ssebo! Byonna bikolebwa bantu, era kiba kikyafu ng'obukyaafu bwe buyinza okuba.

20 Omanyi, twateranga okukyiyita. . . twalinako ekigoye ekisengejja. Wali otegedde kiki kye kyali? Twali tulina okukitekako ekigoye ekisengejja, okukwata ebiwuka byonna era n'ebintu ebirala ebiva waggulu ku mabaati g'ekiyumba, era n'okwetooloola ekifo kyonna, era ne kiyiwa okuva mu buli kifo okudda mu kifo ekirala, nga biyiwa mu kidiba. Era twakitekangako ekigoye ekisengejja, okukwata ebikyafu byonna n'ebintu ebirala bye twasobolanga okufuna. Mazima, ekyo tekyakwatanga bukyafu obwannammaddala, byakwatanga ebintu ebinene ekulukutanga okugwamu. Ekiwuka nga kiyinza okugwamu, wabula omubisi gwakyo nga gugendera mu mazzi. N'olwekyo, wabeeranga na kavuyo bwe wabeeranga n'ekidiba ekijjama ng'ate kikadde.

21 Mu nnaku ntono, ng'oleka amazzi ago, okwesengejja. Ng'ogaleka okusigala mu kidiba, nga bwe gesengejja. Era nga gajjula ebikere, eminya, awamu n'emisota. Era twalinga tubiyita "Kiwugira mu mazzi ow'omukira," ebitono. Simanyi oba. . . si mbuukizi, ebyo bye. . . sisobola, simanyi bwoyinza kubiyita. Wabula ekintu ekitono kayingira mu mazzi, ako ke twayise kiwuggira mu mazzi ow'omukira. Mumanyi nga ky'ekyo. Bameka abamanyi ekyo kye njogerako? Oo, lwaki? Mazima, mmwe mwenna ab'omu kyalo mu kimanyi kyonna okuleggama, era olwo bino ebinyumirwa agalegamye ne biggiramu, amazima bijja buzzi, kubanga gaba galegamye anti tegatambula. Era kubanga gaba galegamye, gasikiriiza ebiwuka ebyagala ebintu ebiregamye.

22 Bwe kityo kyonna bwe kiri ng'amakanisa gaffe leero. Ndowooza nti twaleka. . . ekimu ku bibi eby'amaanyi ekkanisa by'ekoze olwa leeo, nga Isiraeri ku luli, yamuleka, Oyo Ensulo y'Amazzi Amalamu, era kaakati beesimidde ebidiba ebisimiddwa abantu. Era efuuse nju ya buli kintu kyonna ekyagala amazzi ag'ekika ekyo. Eminya, ebikere, era na buli kika kya biwuuka ebitali birongoofu, bibeera omwo, kubanga ttanka eyakolebwa omuntu. Era mu ttanka eno ebintu bino mwe bibeera, ekifaananyi kya kulabirako eky'ebibiina by'amadiini gaffe leero.

“Kale,” mugamba nti, “Ow'oluganda Branham, lwaki abantu abo obassaako nnyo akazito?”

Kibagwanidde okukubibwa. Balina okukubibwa. Baidduke, kubanga kijja kumaliririza kikoze akabonero k'ensolo. Mujjukire, ago ge mazima! Ky'ekijja okubeera akabonero k'ensolo. Ebibiina by'eddiini bijja kukitwala mu ekyo. Bali mu kkubo lyakyo boolekedde eyo kakaano, okukikaka, okuyita mu buyinza.

Tunuula mu Bwakabaka bwa Ruumi ey'edda. Ekyo kyennyini kye kyabatwala ku kabonero k'okujeemera eddiini. Twakizuula nti tewali muntu yali asobola okugula yadde okutunda nga talina kabonero k'ensolo. Yali alina okubeera nako.

23 Waliwo ebibiina bibiri byokka eby'abantu ebijja okubeera ku nsi; abo abalina Envumbo ya Katonda, era n'abo abalina akabonero k'ensolo. Ebibiina bibiri byokka, n'olwekyo olina okuba ng'olinako ekimu oba ekirala. Kajja kubeera kaakujeemera ddiini, a- akabonero k'eddiini, eddiini eyabajeemu.

Era wagenda kubeerawo n'ekifaananyi eri ensolo. Nga bwe tuyiga, tukizuula nti Ruumi kye yali, kye'ri era ky'ejja okuba ebbanga lyonna, nsolo. Bwe kityo kyennyini. Tewaliiwo ngeri gy'oyinza kukifunamu ndala. Ruumi!

Kale, Ruumi kiki kye yakola? Yakyusibwa okueva mu Ruumi enkafiiri okuba Ruumi ya ppaapa, era mu nkola enteeketeeke, enkola ebuna wonna, eawaliriza buli muntu mu ddiini emu eyo yokka oba okuttiibwa.

24 Era ekintu ekyo kyewuunyisa nnyo nti eno United states nayo evaayo n'erabisibwa, y'eringa omwana gw'endigga. Era omwana gw'endigga ogulina amayembe amatono abiri, eddembe ly'abantu n'eryeddiini. Era oluvannyuma lw'ebbanga, ng'ringa omwana gw'endigga, twakizuula nti ate yayogera ng'ogusota era n'ekozesa amaanyi gonna ogusota gwe galina nga yo tennaba kubeerawo. Era Baibuli etugamba nti nga bagamba “Leka tukole ekifaananyi eky'ensolo.” Ekifaananyi kibeera kintu ekifaanana ekintu ekirala. Era tusobola okukiraba kakaano nti, mu mbeera yaakyo ey'obujeemu, ekkanisa eri mu ku teekawo akakiiko k'ensi yonna ak'amakanisa, ng'ekyo ky'ekifaananyi eri amaanyi ga Ruumi; era nga ejja kukikaatika ku bantu ekintu ky'ekimu Ruumi enkaafiiri kye yakola. . . oba Ruumi ya Ppaapa kye yakola. N'olwekyo, tewali nkola ndala, tewali kintu kirala. Wabula ago ge Mazima.

Era y'ensonga lwaki mbateekako akazito mu mulembe gwange, mu kiseera kyange, kubanga, kirina okukubibwa. Okuyita okuyingire munda, kuli nti, “Mukifuulumemu, abantu bange, muleme abassa ekimu n'ebibi bye!”

25 Kakaano, ekyo nkifaanaganya na bino ebidiba ebijjama ate ebikyafu. “Ye y'Ensuulo y'Amazzi ag'Obulamu. Ye ge Mazzi ag'Obulamu.” naye abantu ne baleka ekyo, ne beesimira ebidiba nga bisobola kukwata bukyafu bwokka. Ekyo ky'ekintu kyokka kye bisoboola okukwata. Era ebibiina by'amadiini kye bikola; bikwata ekintu kyonna ekijja era nga kyagala ku kyegattako. Beetegefu okukiyingiza bwe kiba nga kirina ku ssente oba nga kisobola okwambala mu ngeri emu. Sinsonga be baani, wa gye baava, bo kimamala ga batwala, mu ngeri yonna.

26 Kakaati tukizuula, nate, nti, kano akabonero k'ensolo akaatandikibwawo wano. America, kali, namba kkumi na ssatu. America yazaalibwa n'amatwale kkumi n'asatu. Yalina bbendera eyalina emmunnyeenye kkumi na ssatu, n'ebiba kkumi na bisatu. Era ng'erabikira mu Kubikkulirwa essuula kkumi na ssatu. Era America bulijjo ebaddenga mukazi, akikiiriddwa ku binussu byaffe. Era n'omutwe gw'omuyindi, ku nnusu, kuliko ebyogera ku mukazi. Ekyo tukimanyi, tumanyi ebyafaayo byakyo. Buli kimu, n'ekidde ky'Eddembe, era n'ebirala byonna, Eddembe... Ekibumbe ky'Eddembe ...kiri na buli kintu byonna mukazi. Omukazi; namba kkumi na ssatu. Okiraba? Kaakano, kirungi okulaba ebintu ebyo.

27 Era kakaano nteebereza olw'Okubikkulirwa okuva eri Katonda, oba okwolesebwa mu 1933, ebintu musanvu birina okutuukawo ng'enkomerero tennaba kutuuka. Era ekyo, ekimu ku byo, nti, “Mussolini,” oyo eyali ali mu kkufuuka nnakyemalira, “ajja kufuuka nNakyemalira. Era, nate, ajja kukola okulumba agende eyo mu Ethiopia, era ajja kuwamba Ethiopia. Era Omwoyo, Yagamba nti, 'ajja kugwa ku bigere bye.'”

Nneewuunya oba wakyaliwo abakadde abakyasigaddewo mu Kuŋŋaaniro, abajjukira bwe nnali njogera bino mu Redman's Hall emmanga eno bwe twabuulira, emyaka mingi nnyo egiyise. Waliwo omuntu yenna mu kizimbe, olwa leero, akyasigaddewo okuva emmanga eyo mu Hall ya Redman bwe nnabuulira ku ekyo, bwe baali nga balina N.R.A. ebweru eyo dda nnyo mu biseera bya Rousevelt mu kisanja kye ekisooka? Nteebereza nga wano tewali muntu yenna. Waliwo omuntu yenna? Yee, yee, omu, waliwo omu. Kituufu mukyala Wilson, oyo mujjukira. Mukyala wange, attudde eyo emabega. Wasiggaddewo babiri, okuva mu mulembe ogwo omukadde ku abo mu nnaku ezo.

Nti, bwe baagamba eno N.R.A. ye yali akabonero k'ensolo, nnagamba nti, “Tewali kikikwatako; yadde n'akatono. Akabonero k'ensolo tekava wano. Kajja kuva mu Ruumi. Era ako tekasobola kuba kabonero k'ensolo.”

28 Era kaakano mujjukire ebintu bino byayogerwa. Byayogerwa. “Adolf Hitler ajja ku komekerereza mu

ngeri ey'amatankane. Era ajja kulangirira olutalo ku United states. Era bajja kuzimba ekintu eky'enkokkooto eky'amaanyi, nti bajja na kukibeeramu. Era awo wennyini ab'America bajja kukubibwa bubi nnyo, mu kino." Era kyali Ekisenge Ekyawula, emyaka kkumi na gumu nga tekinnaba na kutandikibwawo kuzimbibwa. Era awo n'agamba nti, "naye ajja kutuuka ku nkomerero; era amawanga gajja kuwangula olutalo."

Era nnagamba, nti, "Waliwo obubondo busatu; Nazism (Nnakyemalira), fascism (Kalya kokka), ne communism (Nnakalyako ani)." Era ne ŋŋamba nti, "byonna bijja ku maliriza biri mu communism (Nnakalyako ani). Russia ejja kukitwala kyonna, mu communism (Nnakalyako ani)."

Era ne ŋŋamba nti, "Sayansi agenda kubeera w'amaanyi, omuntu agenda kugeziwala nnyo, okutuusa bw'anaavumbula ebintu bingi nnyo okutuusa bwa n'akola emmotoka efaanana ng'eggi, eyo ejja kuba ng'erina ggiraasi waggulu wayo, era ejja kuba ng'efugibwa maanyi malala agatali ga siteeringi." Era eyo emmotoka bagifunye.

29 Era ne ŋŋamba nti, "Awo empisa z'abakyala baffe zigenda kugwa nnyo, okutuusa bwe bunaabeera obuswavu bwokka eri amawanga gonna. Bagenda kwambala engoye z'abasajja. Bagenda kweyongera okweyambulamu engoye zaabwe okutuusa nga balinga abambadde engoye ezomunda zokka, ky'ekyo kyokka. Era, eky'enkomerero bajja kutuuka okwambala ebikoola by'omuzeyituuni."

Era singa weetegereza obulungi, mu katabo ka *Life magazine* omwaka oguwedde, baalinamu omukazi ayambadde ebikoola by'omuzeyituuni. Era olwo lwe lugoye lw'okwambala akawungeezi, oba egganduula, ekyo kye bambala akawungeezi; nga lutangaala, ng'osobola okuyisaamu amaaso n'olaba, bikoola bya muzeyituuni byokka bikwekako akatundu katono ak'omubiri gwe; nga tekuli mikono, oba obuguwa obusiba, ng'engoye z'okunaabiramu ezitaliiko mikono, waggulu waazo, omubiri nga gwanikiddwa wabweru. Era ebintu bwe bityo bibaddengawo!

Awo ne ŋŋamba nti, "nnalaba omukazi ng'ayimiridde mu United States, ng'alinga nnabakyala ow'amaanyi oba ekintu ng'ekyo. Era yali mulungi nnyo okutunulako, wabula nga mubi nnyo mu mutima gwe. Era n'aletera eggwanga okutambula, okumugoberera."

30 Ne ŋŋamba nti, "Eky'enkomerero, n'Aŋŋamba nziremu ntunule Ebuvanjuba nate. Era bwe nnakikola, ne ndaba, ekifaanananga, nga kiringa, ensi yali etulise. Era okusinziira bwe nnali nsobola okulaba, tewaaliwo kintu kyonna okuggyako obutittiri, era - era olufuffugge lw'enjazzi zifuumuka okuva mu nsi."

Era bino byali birina okutuukawo ng'enkomerero y'ensi tennabeerawo. Era bitaano ku ebyo omusanvu bimazze okutuukawo, mu myaka asatu mu esatu. Awo we tuli, tukomyewo ku biseera by'enkomerero!

Era nnayogerera bubi enkola y'ebibiina by'amadiini okuva emabega eyo. Era nkyakkiriza, n'olwa leero nti ekyo kuŋŋaaniro lya kazambi, kye kifo kyabyo awo obukyafu we buddukira okugenda. Sisobola ku kikkiriza nti Katonda Asobola okutwala ekintu ng'ekyo mu Kkanisa Ye, kubanga kirina okuzaalibwa n'Omwoyo wa Katonda era ne kirongoosebwa nga tekinnayitibwa Kikye. Omubiri gwa Kristo ogutalabika, tubatizibwa okuguyingiramu nga tuyita mu Mwoyo Omutukuvu.

31 Yee, eno enkola y'ebidiba, mazima kyakulabirako ekituukiridde eky'ebibiina by'amadiini. Omusajja ow'amagezi agwanidde okukiraba era n'ataddamu kukigendamu, kubanga Katonda akikakasizza okuyita mu mirembe nti Akiwakanya era takolagananga nakyo. Ekibinja kyonna. . . ekiseera kyonna omusajja bwe yayimukkanga n'Obubaka, okugeza nga Luther, Wesley, oba n'abalala bonna, ne Smith, ne Calvin era n'abalala; bwe baatandika okwekolamu ebibiina, Katonda ekintu ekyo n'Akiteeka mu masa era n'Ataddamu kukikyalira nate okudda obuggya.

Kebera okuyita mu byafaayo. Tewabeerangawo kiseera Katonda bwe yali Atutte ekibiina ky'ediini n'Akikolamu okudda obuggya okuva mu kyo, tekirina wekiri. Awo, okuyita mu byafaayo ne mu Bayibuli, kikakasa nti kintu kijjama mu maaso ga Katonda, n'olwekyo ssaagala kintu kyonna kikikwatako. Era y'ensonga lwaki nkirwaanyisa. Ngezaako okukiggyamu abantu.

32 Batwaniriza, nga bwe kiri mu Isiraeri, era bwe kiri ne kaakano, tutunuulire Isiraeri ng'ekyokulabirako, bo, kasita baasigalanga awamu n'Ensulo, baabeeranga bulungi. Naye bwe baagendanga ne beesimira ebidiba, enkola z'abantu, olwo Katonda n'abaleka bokka. Ajja kutukola ky'ekimu. "bamuvuddeko, Ensulo ey'Amazzi Amalamu." Ekyo kwe kwali okwemulugunya Katonda kwe Yabalinako. "okukola ekintu kye bandigambye, 'Olaba kye tukoze!'"

33 Kale nno, mu biseera eby'okutambula kwa Musa; awo Katonda, olw'ekisa, Yali Abawadde nnabbi, ng'Abawadde Empaggi y'Omuliro okubakulemberanga, ng'Agikakasizza okuyita mu bubonero n'ebyamagero. Ekisa kyali kibawadde ebintu byonna. Isiraeri yali ekyayagala, okulaba etteeka. Bagaana ekisa, okutwalamu etteeka.

Ky'ekyo kyenyini abantu kye bakola leero. Bagaana Ekigambo, ne batwala enkola y'ebibiina by'amadiini, kubanga mu ekyo basobola okukola bye baagala era ne watabaawo aboogerako. Naye

tosobola kukikola mu Kristo! Olina okujja ng'otukula era ng'otegeerekeka, okusobola okubeera mu Kristo.

34 Okuleka oluzzi lw'Ensulo, olw'enkola eyateekebwawo bantu oba ebidiba, osobola okuteeberezaamu omuntu okukola ekintu ng'ekyo? Osobola okulowoozaamu obwongo bw'omuntu asobola okunywa ku mazzi amasu ag'oluzzi olw'ensulo, ate n'agaleka n'asalawo okunywa mu bidiba ebikoleddwa abantu ebirimu ebikere, n'eminya, era ne bikiwugira mu mazzi eby'emikira, n'ebirala byonna mu kyo?

Mu kutegeera, tekirabika na kuba kituufu, naye ky'ekyo kyennyini abantu kye bakola. Balesse Ekigambo, Ensulo ey'Amazima ey'ensibuko n'Amaanyi ga Katonda okunywa okuva mu bidiba, era ne beekolera ebidiba. Mu ngeri y'emu nga bwe baakikola ku luli bwe bakikozze ne kaakano. Bagamba nti. . .

Yagamba nti, "Bandesseewo." Wano bwe Yagamba, wano mu Yeremiya 2:13-14. Wabula. Yagamba nti, "Banvuddeko nze, Ensulo ey'Amazzi Amalamu."

35 Kakaati, tulaba ebidiba kye ki. Tulaba ne kye bikwata. Tulaba engeri gye kikolebwamu. Kintu ekikoleddwa abantu ekiva ku baati eriddugala. Amazzi agatonnya wansi, gagwa ku baati eriddugala, era ganaaza ku baati, era ne gayitira mu mukutu ogukoleddwa abantu, okuyita mu mudumu ogukoleddwa abantu, ne gayiwa mu ttanka ekoleddwa abantu. Era ebikyafu byonna bikuŋŋaanira omwo, era n'ebiwuka, n'eminya, n'ebikere, era n'ebintu byonna eby'omu ttaka, bwe bityo. Era, weetegereze, ezo ze nsolo ezitali nnongoofu; bkiiwugira mu mazzi eby'obukira,awali agalegamye agatatambula. Bi kiwugira mu mazzi eby'obukira tebisobola kubeera mu mazzi gatukula. Bwe bigabeeramu, bifa. Birina kubeera mu mazzi agalegamye.

36 Era bwe kityo bwe kiri na bano bonna abanyuunyuusi aba leero. Tosobola kubeera mu mazzi amalamu ag'Omwoyo Omutukuvu. Eyo y'ensonga lwaki balwanyisa nnyo Ekigambo kya Katonda n'obumanyirivu, era bagamba nti, "Kikontana kyokka na kyokka. Teriiyo kintu kyonna ku kyo." Kiri nti kubanga baba balina okuba n'ekidiba ky'amazzi agalegamye okuwugiramu. Kituufu.

Eyo y'engeri y'emu n'ebikere, era n'eminya, era n'obukulwe, n'ebiringa ebyo.

Biba birina okugenda mu ntobazzi oba mu bidiba by'amazzi agalegamye, okusobola okuba ebiramu, kubanga bwe butonde bwabyo okubeera omwo. Era tosobola kukyusa nsolo okutuusa ng'okyuusiza obutonde bwayo. Era tosobola kuleetera muntu kulaba Kigambo kya Katonda okutuusa ng'obutonde bwe bukyuse; era obutonde bwe bwe bukyuka okuva mu ekyo kyali, n'afuka omwana wa Katonda, era Omwoyo Omutukuvu n'Amujjamu. Omwoyo Omutukuvu Yeyawandiika Ekigambo kya Katonda!

37 Olwa leero nnabadde njogera ne mukwano gwange omulungi, Dokita Lee Vyle, waali wano. Era amanyi nnyo eby'enjigiriza y'amadiini, era tutera okuba n'okukubaganya ebirowooza okulungi ennyo ku Byawandiikibwa. Mugezi nnyo.

Era lumu yambuuza ku kiki kye ndowooza okuba obukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu obutandikirwako, "Bwali kwogera mu nnimi?" Kitutte ebbanga ggwanvu.

Ne mmugamba nti, "Nedda; tolina ekyo w'okisanga."

N'agamba nti, "Wadde nange," ne njogera nti, "Newankubadde ng'ekyo nkisomesebbwa." N'aŋŋamba nti, "Kiki kye wandirowoozezza okuba obukakafu?"

Ne ŋŋamba nti, "Obukakafu obusinga okutuukirira bwe nnyinza okulowoozaklo kwe kwagala." Era n'olwekyo ne tutandika okwogera ku ekyo.

Era ne ndowooza ng'ekyo kiwulikika bulungi nnyo olwo nange ne nywerera ku ekyo, "Omuntu bw'aba ng'alina okwagala."

Naye olunaku lumu Mukama, mu kwolesebwa, Yantereeza. Era n'Aŋŋamba, nti, "Obukakafu bw'Omwoyo bwali abo abosobola okwaniriza Ekigambo," wadde okwagala, oba okwogera mu nnimi, wabula kiri ku kwaniriza Ekigambo.

38 Kale awo Dokita Vayle yali aŋŋamba, nti, "Ekyo Kyawandikiibwa," n'agamba nti, "Kubanga, mu Yokaana essuula eye 14, Yesu Yagamba nti, 'Oyo ye Omwoyo Omutukuvu bw'Alijja, y'Anaababikkuliranga ebintu bino mmwe, bye mbayigiriza, era ajja kubalaga ebintu ebigenda okujja.'"

N'olwekyo obwo bwe bukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu obwannammaddala! Tannaba kuŋŋambayo kintu kyonna ekikyamu yadde. Anti, "Bwe bukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu, oyo asobola okukkiriza Ekigambo." Osobola okukifuna.

Kubanga, Yesu teyagambako nti, "Omwoyo Omutukuvu bw'Aliba Azze, mujja kwogera mu nnimi." Ekyo teyakyogerako; Omwoyo Omutukuvu bw'Alijja, mujja kukola ekimu ku bintu ebyo. Naye Yagamba nti, "Ajja kutwala ku bintu bino ebyange Abibalagge, era Ajja kubalaga ebintu ebigenda okujja." N'olwekyo obwo bwe bukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu obwannammaddala, okusinziira ku Yesu Yennyini.

39 N'olwekyo kuno kwonna okukyamuukirira n'ebintu abantu bye balina kyokka ate nga basigala mu bulamu bwabwe, osobola okulaba lwaki bakikola. Laba, nga kifuka kibiina kya ddiini, oba ekidiba ekyalegama, era tewali kibiina kya ddini kirikolebwa ku Kigambo kya Katonda ekituukiridde. Tekisobola kukikola, kubanga tebisobola kulonda oba kugoba Katonda. Nedda, ssebo!

Ensonga lwaki kiri bwe kityo, ofunayo entuumu y'abasajja abasobola okukkiriza Ekigambo, gwe baleke batandike ekibiina. Ky'onosooka okumanyirako, emyaka nga giyiseewo, wajja kuba wajjudde baamiziki bokka nga tolina na kyakubakolera. Benyweza, era nga tolina ky'oyinza kubakolera. Eyo si nkola ya Katonda. si bw'eri, n'olwekyo tumanyi sikituufu. Kifuuka kidiba, era ne kifuuka ekifo buli muntu w'ajja okuba nga yekkiriranya ku kino, nakiri oba ekirala, okufuna abantu mu bo, oba leka abantu bayingire munda.

40 Tukizuula nti, enkola eno yatandikawo lumu, edda mu nnaku za Isiraeri, bwe baali basima ebidiba bino. Era waliwo omusajja n'Abafalisaayo bangi abaali basimye ebidiba. Era baalina omusajja ayitibwa Kerode, yali mulanzi, ate omufuzi w'eggwanga

Era n'aserengereta okumuwuliriza omuntu atekkiriranyanga n'amadiini gaabwe . Yali nnabbi. Tewali nnabbi yenna eyali abadde n'akakwate n'ebibiina by'amadiini wabula okubikyawa. Nnnabbi ono n'atandika nti “Temugambagana munda mu mmwe nti 'Tulina kitaffe Ibulayimu,' kubanga mbagamba Katonda Asobola okufuulira Ibulayimu abaana mu mayinja gano.”

ne baleeta omukungu okumuwuliriza. n'omukungu ono yali yatwala muka muganda we n'amumumuggyakko, era n'amuwasa. Omusajja ono bwe yatuuka namuyimirira mu maaso ge kiki kye yamugamba? Baalowooza nti ajja kwekkiriranya, era agambe nti, “Kakaano, ssebo, ggwe, olina entebe ennungi eri wano. Era ogwanidde o. . . ndi musanyufu nti oli wano okumpuliriza olwa leero.”

Yokaana yatambula butambuzi n'agenda mu maaso ge, n'amugamba nti, “Tekiri mumateeka gwe okumutwala.” Ekintu kyennyini kye yasooka okumugamba, Yamuleekaanira olw'ekibi kye.

41 Okiraba, ebibiina by'amadiini bikola ebidiba ebyamazzi agalegamye ng'omusajja asobola okubeera n'abakazi, era abo abakazi ne basigala nga bali naye, era ne basalako enviiri zaabwe, era ne bambala empale, era n'ebirala byonna, ate ne beeyita Abaristaayo.

Naye Ensulo eyannammaddala, aleeruuya, ey'amaanyi ga Katonda, tesobola kusigala eyo, kubanga ebifulumya wabweru. “Nze nsulo ey'Amazzi amalamu. Bandekawo, beesimire ebidiba byabwe.”

Kakaano, Ensulo ey'Amazzi amalamu, leka tukizuule, Ensulo ey'Amazzi amalamu kye ki? Twamazze dda okutegeera ebidiba kye ki, kakaano ensulo ey'amazzi amalamu kye ki? Lwe luzzi olw'ensulo.

“Oluzzi olw'ensulo, ekyo kye, ow'Oluganda Branham.”

Lwe luzzi olubeera nga luva wansi nga lusindika amazzi gaalwo waggulu. Luba lukulukuta essaawa yonna. Lwe yimirizaawo lwokka. Buli kaseera oluzzi lw'ensulo, luba luggya era nga lutukula, ensulo ey'amazzi amalamu. Eno sinfu era eregamye. Yo nnamu, buli kiseera ebeera ekyuka, nga ereetayo ekintu ekipya buli kiseera, ng'egenda mu maaso, ng'eva mu nsibuko yaayo. Ejja n'ebyobugagga byayo okuva wansi waayo, ng'ekyo kye. . . ng'ekyali nsulo ey'amazzi amalamu ng'agasaasaana waggulu. Geerongoosa gokka; gatukula, malongoofu, mazzi mayonjo. Geyimirizaawo gokka; teweetaaga kulinda nkuba kukujjulizza ttanka yo. Buli kiseera ebeera ebimba waggulu, ng'egaba amazzi gaayo ku bwereere. Teweetaaga ku gisuukunda, ogiwe empewo, ogyetoolooze, oba ogigatteko. Yo nsulo ey'amazzi amalamu.

42 Omanyi, ggwe twala bino ebidiba ebikadde, oba olina okukyetoolooza n'era n'okyetoolooza n'era n'okyetoolooza, n'omala n'osunda era n'ebirala, okusobola okufunayo ku mazzi ago agerembese. Uuh!

Naye ensulo ey'amazzi amalamu yo egagaba, ku bwereere, nga tomaze kusunda oba kugatta ekintu kyonna ekirala. Oo, ndi musanyufu olw'ensulo eyo! Yee, ssebo!

Teyeetaaga kulafuubana nayo, okuggyamu embuukizi. Kubanga lusibuka wansi nnyo, eyo mu njazi, awatali mbuukizi.

Tekyetaaga kuba na kisiimuula kya buyigirize nga kiwanikiddwaako, ekyo kituufu, enkola ey'ensi eyateekebwawo abantu ey'amagezi g'ebibiina by'amadiini; okukugamba, mu maaso g'omusawo w'obwongo, oba osobola okubuulira oba nedda. Kyo tekirina bisiimula ebyo ebijama nga bikiwanikiddwaako. Mba nja kukisindika nkiggyeko amangu ddala nga waakakiteekawo. Tosobola kukikola. Olwo oluzzi luba lutokota, essaawa yonna. Bw'oluteekako ekisiimuula kyonna, luba lujja kukikasuka ku ludda olumu oba olulala. Terulina biseera bya kisiimula kya bibiina by'amadiini.

43 Telwetaaga kasengejja, oba kulukaka, tewali kusunda, teweetaaga kusika, tewali kintu kirala kyonna. Lwo lubeera awo, nga lutokota. Telwetaaga kwesigama ku nkuba etonnya kulujjuzza. Enkuba kwe “okudda obuggya,” awali ensulo. . . awo we wali ensulo ey'Obulamu. “awali omulambo, empungu we zikuŋŋaanira.” Teweetaaga kusunda kuddabugya; teweetaaga kusunda kintu kyonna. Ekintu kyokka

ky'olina okukola jjangu eri ensulo. Yo buli kiseera eba ejjudde ebintu ebirungi, amazzi amaggya, era tewaliiwo nkomerero ku go. Gabeera gatokota.

Teweetaaga kugenda ku bidiba, n'ogamba nti, "Kale, enkuba bw'enatonnya n'ekulukuta okuva ku bbaati ly'ekisibo, tujja kufunayo eky'okunywa." Okiraba? Abange, abange! Si kino. Olwo oluzzi olw'ensulo luba luwandula birungi, amazzi agannyogoga buli kiseera. Osobola okulwesigamako. Teweetaaga ku gamba nti, "Kale, nja kugenda mu kino ekidiba ekikadde. Twateranga okuggyamu amazzi g'okunywa, naye enkuba emaze ebbanga ddene nga tetonnya. Leka nkubuulire, kiyinza okuba nga kikalu."

44 Bw'ezityo bwe ziri ezimu ku nkola zino ezatekeebwawo abantu. Osobola okuyingiramu, bw'oba olina ekintu eky'amaanyi ekigenda mu maaso, oba ng'otunda ebintu eby'amaanyi, oba nga waliwo ekintu kyonna ekigenda mu maaso, obubabaga obw'amaanyi n'ebintu ng'ebyo ebigenda mu maaso, obuzannyo bwa bunco, era n'obubaga obubeera wansi w'enyumba, era n'ebirala, oyinza okuzuula ennyumba nnamba.

Naye eyo gy'ogenda awali ensulo nga zitokota, buli kiseera, ng'abantu bali eyo bafuna amazzi amalungi ag'okunywa nga gannyogoga. Osobola okukyesigamako! Katugambe nti, "Babadde bamazze emyaka kkumi nga tebalina kuddabugya." Naye bw'obeerawo olw'ensulo eyo, buli kiseera ebeera erina okudda obugya okugenda mu maaso.

45 Ng'omusajja w'omu Wales bwe yagamba nti. Awo, olunaku lumu bwe baali mu kudda obugya okwali mu Wales nga kugenda mu maaso, waaliwo ab'ebitiibwa nga bavudde mu States. Abamu ku abo ba Dokita abakenkufu mu kutegeera eby'eddiini bagenda eyo mu Wales, okuzuula wa bino byonna na kiki kye bikwatako. Kaakati awo ne bambala obutogi bwabwe obw'etooloovu obweru, era n'enkofiira zaabwe, era baali batambula nga baserengeta ku nguudo.

Kaakati awo omuserikale omuto naye yali ajja atambula, ng'awuuba akaggo ke akatono akakadde mu mikono gye, nga bw'afuuwa oluwa, "Eyo wansi ku musalaba mulokozi wange kwe Yafiira, wansi eyo ku lw'okunnazaako ebibi ne nkaaba; eyo eri omutima gwange n'atekebwako Omusaayi, ekitiibwa kibe eri Erinnya Lye," ng'atambula aserengeta ku luguudo.

Kale awo ne bagamba nti, "Ono alabika okuba omusajja munnaddiini. Tugende tumubuuze."

Era ne bamugamba nti, "Mukulu!"

Nagamba nti,"Wangi, ssebo?"

N'agamba nti, "Tuli wano okuva mu United states. Tuli bakiise. Tuzze wano okunoonyereza ku kudda obugya okw'omu Wales, nga bwe bakuyita. Tuli ba Dokita abakenkufu mu by'eddiini, era tuli wano okukyekkaanya." N'agamba nti, "Twagala kumanya okudda obugya kuli ludda wa, era wa we bakutadde."

N'agamba nti, ssebo, mutuuse. Ye nze kudda obugya okw'omu Wales." Amiina! "Okudda obugya okw'omu Wales kuli mu nze. Wano wennyini we kuli."

46 Bwe kityo bwe kibeera bw'obeera omulamu olw'ensulo y'amazzi ag'obulamu. Ebeera nnamu ekiseera kyonna, ng'etokota bwe yeddiŋŋana, era nga bwe yeddiŋŋana. Tewali kkomo ku yo, nedda, "Genda olabe oba mulimu ku mazzi, oba twabaddeko n'enkuba wano ssi bbanga ddene," yo si bw'ekola. Eyo y'ensulo ey'amazzi amalamu.

Nga bwe ŋŋamba nti, amazzi gaayo egagabira bwereere. Teweetaaga ku mutekako biwero ebisengejja, okuzuula; ebisengejja by'enjigiriza, nga tonnaba kumusindika wabweru kubuulira, mbu osooke olabe oba ebigambo bye abyogera bulungi, abyogera bulungi, oba akozesa bulungi amannya ne nnakasigirwa, era n'ebirala byonna, era ne nnakongeza linnya. Bangi ku bo tebamanyi nakiki kye bali, naye balamu lwa nsulo y'emu, okiraba, mu ngeri y'emu.

47 Tekyetaagisa kwesigama ku nkuba etonnya, okukijjuza, oba okudda obuggya okwa wansi, olw'ekyo. Tekyetaaga kukola ekyo, kubanga amaanyi gaakyo n'obulongoofu bw'akyo biri munda mu kyo. Eyo Ekigambo gye kiri, amaanyi gaakyo gennyini! Omusajja bw'akyaniriza mu mutima gwe, kirina obulongoofu. Kirina amaanyi gaakyo. Kiri munda mu Kigambo mwennyini, mwemusibuka obulamu.

Isiraeri bwe yakivangako, nga bagwa mu mitawaana. Buli mulundi gwe baakivangako, baagwanga mu mitawaana.

Ky'ekimu nga naffe bwe tukola leero. Okudda obuggya bwe kukivako, awo nga tekulina kalungi. Kuba kwesimira bidiba, oba mazzi agalegamye ag'omu bidiba, era bwe kityo bwe kiba.

48 Naye buli kiseera yabayambanga. Bwe beemulugunyiza ku nnyanja emmyuufu, kaakati awo bwe beemulugunya. . . yadde, mu ebyo byonna, yali Yabasuubiza, nga Yabawa ekisuubizo. Yali Asobola okubazzaayo awo wennyini, mu ngeri gye tuyinza okukirabamu; naye yali Yabasuubiza okubatwala ku ludda luli.

Kiki kye Yakola? Abo abaana ba Isiraeri, Yabawa Empagi y'Omuliro era n'ebirala, olw'okukakasa nnabbi waabwe. Era n'ebakulembera okutuuka ku nnyanja. Era, buli kiseera wabeerangawo emitawaana egikyoolekedde. Kale Falaawo n'ajja n'amagye ge. Era omanyi Katonda kye Yakola? Yaggulawo bugguzi nnyanja mmyuufu, ekidiba ekyalegama. Ennyanja Enfu ky'ekintu ekisinga obufu mu nsi. Mazima ddala nfu. Yalegama. Tewali kintu kiyinza kugibeeramu. Era n'agyawuzaamu n'abafuula ba ddembe, ku luuyi luli olulala. Yabatwala gye baali batasobola kuddamu kusibibwa kintu ng'ekyo.

49 Mu ddungu, baakizuula nti ttanka baali tebasobola kuzeesigulirako; zaali nkalu. Baakizuula, nga batambula okuva ku kinnya ky'amazzi ekimu okutuuka ku kirala. Bwe baali mu ddungu, baali balumwa ennyonta era kaabula kata bafe olw'ekyokunywa; amazzi. Era bagendanga mu ttanka eno wano, akadiba; nga kakalu. Ne bagenda mu kifo ekirala; nga nakyo kikalu. Baali tebasobola kulowooza nti balifuna eky'okunywa. Wabula mu kifo kye baali batasuubiriramu mu ddungu, we bazuula amazzi. Gaali mu lwazi. Gaali mu lwazi. Ekifo omuntu ky'atasuubiramu kusangamu mazzi, lwandibadde lwazi olukalu mu masekkati g'eddungu. Naye, olaba engeri Katonda gy'Akolamu ebintu bw'atyo. Mu kifo ekisinga obutasuubirwamu, y'ngeri esinga obutaba ya bulijjo. Ekyo bulijjo kye tubaddenga nakyo.

50 Balowooza nti olina okuba n'ebibiina by'amadiini ebinene okukubeera awamu, bonna bakungaane wamu, batambulire mu kibiina ekinene eky'abantu, era n'ebirala, era bakungaanye enkumi n'enkumi z'abantu okukolaganira awamu, era byonna nga kino, babeere n'okudda obuggya.

Ebiseera ebimu Katonda Akwata omusajja omukadde atamanyi yadde ABC, era ng'Aamuggye mu bantu abangi abataasoma nga tebamanyi na kwawula mukono gwabwe ogwa kkono ku mukono ogwa ddyo, n'Abayimusaamu okudda obuggya okujja okunyeenya ensi. Yakikola mu biseera bya Yokaana. Yakikola mu biseera bya bannabbi. Tewali yadde omu nga bwe tumanyi, yali yasomako, naye Katonda yabakwatanga n'Abako ky'Akola nabo.

51 Mu lwazzi luno mwavaamu amazzi. Ye ye Yali olwazi. Era n'Alagira olwazi luno, era lukubibwe. Awo n'Abawa amazzi amalongoofu nga mangi, amaggya, amazzi agatukula eri buli omu eyali anywa. Yalokola bonna abaasobola okunywa okuva mu lwo. Ekifaananyi ekituukiridde ne Yokaana 3:16.

. . . *Katonda bwe Yayagala nnyo ensi n'okuwaayo n'Awaayo Omwana we omu yekka,. . . buli amukkiriza aleme okubula naye abeere n'Obulamu Obutaggwaawo.*

Katonda Yakuba Olwazi olwo, e Kaluvaaliyo. Omusango gwaffe gwali ku Ye, nti mu Ye muveemu Omwoyo w'Obulamu an'asobola okuwa ggwe nange Obulamu Obutaggwaawo. Olwo lwe lugero lwakyo olutuukiridde, wano mu ddungu lino.

52 Baali tebalina kusika, kusima, kusunda oba ekintu kyonna; wabula okugabana obugabanyi ekkubo ly'Ataddewo ku bwereere. Olwo tebaalina kulisima okuva mu kidiba. Nga tebalina kukisikayo na kalobo. Baali tebeetaaga kuba na kintu kisumulula okukigissaayo. Baali balina kugabana bu gabanyi. Era ky'ekyo ekiriwo ne leero. Teweetaaga kwegatta ku kintu kyonna. Teweetaga kugenda wansi ku wa kyoto mbu obeeko ky'okola, okisunde. Teweetaaga kwogera kigambo nga bw'okidiŋŋana, okutuusa lw'otabulwatabulwa mu lulimi. Ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kumulya ku bwereere engeri ya Katonda eyateekebwawo. Tewali kusunda, tewali kusindika, tewali kintu kyonna; gwe lya buli, ku bwereere. Tewali ky'olina kukola; gwe kirye buli. Ky'ekyo, kikkirize bukkiriza. Ky'ekyo kyokka kye nsobola okukyogerako.

Baali tebalina kukikolera kintu kyonna. Baali tebalina kukisima yadde. Baali tebeetaaga kukaaba kiro kyonna, nga bakikaabirira. Baakirya buli; kyakubibwa ne kibeera kyetegefu. Ekyo kitufu.

53 Ndi mukutunuulira omusajja kakaano, atudde eyo emabega w'ekisenge wano. Nzijjukira okumugamba ekyo, ku kiyumba ky'ebisolo ekikadde olumu, mu kibaya.

Era n'ayogera nti, "Naye siri mulungi."

Ne mugamba nti, "Mmanyi nti toli." Era ne ŋŋamba nti, "Nange siri." Naye ne ŋŋamba nti, "Oli mu kutunuulira ky'oli. Wabula lekera awo okwetunuulira ky'oli, naye tunuulira Ye ky'Ali."

Yagamba nti, "Singa mbadde nsobola okuva ku sigala ono, ow'Oluganda Branham, nnaalisobodde okuba Omukristaayo."

Ne ŋŋamba nti, "Ggwe tobyeggyaako. Oli mu kugeezako kufuka mulungi olyoke ojje gy'Ali. teyajja kulokola bantu balungi; Yajja kulokola bantu babi nga abakimanyi nti babi."

N'agamba nti, "Kale. . ."

Ne ŋŋamba nti, "Wulira, toyagala kugenda mu ggeyeena, oyagala?"

N'agamba nti, "Nedda."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, teweetaaga kugendayo. Ye Yafa ggwe oleme kugendayo."

N'agamba nti, "Kiki kye ŋŋwanidde okukola?"

Ne ŋŋamba nti, "Tewali. Kyangu bwe kityo."

N'agamba nti, "Naye singa ndi. . ."

Ne ŋŋamba nti, "Kaakati ky'ekyo, okuddayo ku ttaaba nate. Lekera awo okulowooza ku ttaaba oyo. Gwe jjukira bujjukizi, lowooza ku Ye, ekyo kye Yakola, ekyo ky'Ali; ssi ggwe kiki ky'oli. Ggwe tolina kalungi konna; era tobeerangako era tolibeera. Naye, Ye ekyo ky'Ali. Ye y'ensonga!" Era ne mugamba nti, "Kale, ekintu kyokka ky'olina okukola; bw'Aba Yatwala ekifo kyo wansi eyo, ggwe kkiriza bukkiriza kye Yakola awatali kuwalirizibwa. Ekintu kyokka ky'olina okukola kukikkirize bukkiriza."

"Lwaki," Yagamba nti, "Ekyo kyangu nze Nja kukikola."

54 Ne ŋŋamba nti, "Ekidiba kiri wano." Mulaba? Ne mmuleeta engulu eno ne mubatiza mu Linya lya Yesu Kristo.

Abamu ku bantu be batudde wano, era mmanyi nti bawulidde ensonyi nze okukola ekyo, naye nnabadde mmanyi kye nkola. Nnalabye ekintu mu musajja eky'amazima ddala. Nnali nsobola okukiraba mu ye, era ne mmutwala ne mmubatiza mu Linya lya Mukama waffe Yesu.

Era, bwe yakoze ekyo, tekyatutte bbanga ddene oluvannyuma lw'ekyo okutuusa bwe nnagenze mu nnyumba ya mutabani we. Twalabye okwolesebwa okw'omuti nga gumenyeka mu kifo ekimu, era omusajja n'agwa, kaabuze kata amenye omugongo gwe. Nnamutwala mu ddwaaliro. Era ekiro ekyo Mukama n'Akibikkula, gye ndi, eyo ye yali enkomero ya ttaaba.

Kati olunaku olwaddako yali ayagala ku ttaaba. Ne ŋŋamba nti, "ŋŋenda kumugulira paketi nnamba ngimutwalire. Ggwe tunula olabe, ennaku ze eza ttaaba zaggwa." Teyaddamu kufuuwa yadde ogumu okuva ku olwo, era teyadamu kwagala yadde ogumu okuva ku olwo. Katonda!

Mulaba, ekintu ekisooka ky'olina okukola kwe kujja ku nsulo. Olina okujja ku mazzi ago. Mukitegeere nti tewali ggwe ky'oyinza kukola. Wabula Ye kye Yakukolera. Teweetaaga kusima, teweetaaga kusunda; teweetaaga kuva ku kino; teweetaaga kuva ku kiri. Ekintu kyokka ky'olina okukola kiri nti ggwe tukawo butuusi onywe. Ky'ekyo kyokka. Bw'oba ng'olina ennyonta; nywa!

55 Kaakano, Ye Yali Olwazi. Katonda Yamukuba ku lwaffe, era n'Awaayo amazzi amangi ate amalongoofu era agatukula. Bw'atyo bw'Akikola, era ne leero, eri buli muntu yenna akkiriza. Kino kye kisa Kye, mu mazima, eri ffe abantu Be.

Tewaliiwo kintu kyonna ng'ekyo, ng'abantu aba leero, beetegefu okufuna kye basobola okufuna, naye tebaagala kubaako kye bawaayo mu kuddiza. Isiraeri yali yeetegese okunywa okuva mu lwazi kakaano, naye baali tebaagala kuwa Katonda okumuwereeza okwali kumugwanira.

Era Ye buli kiseera Aba Atuwereeza. Omanyi, tetusobala nakussa awatali kuweereza kwa Katonda. Bwe tutyo bwe tumwesigamyeko obwenkanidde awo. Kyokka, ate kumpi kitumenyamu bibiri bwe tugezaako okukikola, okubaako kye tumukolera. Atusaba tubereeko kye tumukolera, genda obeereko gw'olaba, kumpi kitumenya, okukikola. Naye tetwagala ffe kubaako kye tumukolera ng'okumuweereza.

56 Okwemulugunya Kwe kwali nti, "Banvuddeko, Ekigambo; era ne bakkiriza ekidiba ekiwummuse, mu kifo. Ky'okukkiriza. . . bandesseewo Nze, Ensulo y'Obulamu, Ensulo ey'Amazzi ag'Obulamu; era baayaayaana era waakiri banywe okuva mu bidiba ebyalegama." Ekyo Osobola okukiteebereza?

Osobola okuteebereza omuntu kakaati, nga wano waliwo oluzzi olw'ensulo nga luyiwa amazzi amalungi agalimu ebiriisa, nga gava wansi mu mutima gw'enjazi, wansi eyo awasibuka omusenyu, n'ebirala, nga mannyogovu nga malungi nga bwe kisoboka; waakiri anywa okuva mu kidiba ekiri awo, ekirimu agakulukuse okuva ku bbaati ly'ekiyumba ky'ensolo, ne ku mbalaza, era n'okuva ku bizimbe ebyetooloodde ekifo? Ne bigakunganyizza mu kidiba ekyo, eyo amazzi gye kakulukutira okugenda, okuva ku nnyumba y'ensolo, eby'eŋŋaira, ensolo wezuwummulira, n'ebirala byonna ebiyiwa amazzi mu kidiba, era kaakati twagala. . . ng'asobola okunywa okuva mu ekyo nga tannaba kugenda ku luzzi olw'ensulo? Waba walina okubeerawo ekikyamu ku bwongo bw'omuntu oyo. Ekyo kituufu.

57 Era omusajja oba omukazi bw'atwala ekibiina ky'eddini mu kusalawo kwe, ekyo ekikkiriza okusalako enviiri ze, okwambala empale, okwesiiga ebirangi, na bino ebintu ebirala byonna, era n'ebintu ng'enteekateeka, ne byonna eby'okusigala mu bulamu bwabwe, era ne bagenda gye bazannyira omuzanyo gw'obupiira bw'entomi (cricket), era-era gasiya oyo yenna ebweru eyo, ne basobola okubigumira ebyo; era ne baagala ebyo okusinga enkola enkadde ey'EKigambo kya Katonda ekisala era ekisima, era ne kifuula abakyala okuva mu bakazi, era ne kitwala ne kibaleteera okwambala obulungi era n'okweyisa obulungi, ne kibaggyamu ttaaba, n'okulayira n'okukolima, wamu n'okulimba n'okubba, okubikuggyamu, era n'ensi yonna neekuvaamu, era neekuwa okumatira okutuukiridde. Lwaki omukazi oba omusajja agenda mu kintu ekifanana ng'ekyo okunyumirwa? Osobola otya okunyumirwa mu kintu ng'ekyo?

58 Osobola otya okunywa amazzi amaggya okuva mu kidiba ekyalegama? Lwaki omuntu. . . omuntu bwagenda eri ekibiba ekyalegama okufuna eky'okunywa, ng'ate waliwo oluzzi olw'ensulo oluggule, oba ajja kugamba nti, "Waba waliwo ekintu ekikyamu ku bwongo bw'omuntu oyo."

Era singa omukazi oba omusajja agenda mu kifo ng'ekyo okufunayo emirembe, waba waliwo ekintu ekikyamu eky'Omwoyo n'omuntu oyo. Tebaagala Kigambo. kiba kiraga nti obutonde bwabwe bu kyali bwa kikere, oba bwa kakolwa, oba ekintu ng'ekyo, ekyo kitufu, ekintu eky'ekikula ng'ekyo ekyagala amazzi ago ag'ekitaba agalegamye, kubanga ebintu eby'ekika ng'ekyo tebisobola kubeera mu kidiba ky'amazzi maggya. Tebasobola kukikola; gano amazzi maggya. Tebasobola kukikola.

59 Kaakano, okwemulugunya kwali nti, "Baakirekawo." Era n'olwa leero bakoze ekintu ky'ekimu.

Kakaati tunuulira omukazi eyali ku luzzi. Kale, yali azze ku kidiba kya Yakobo, era yalinga aggyawo amazzi buli kiseera, awo ku kidiba kya Yakobo. Naye ekidiba kya Yakobo, kibiina kya ddini, bwe tuyinza okukiyita, kubanga yasima ebididiba bisatu; era kino kye yali asimye. Kakaano, yali alina olugero olw'amaanyi. Yagamba nti, "Kakaati, kitaffe Yakobo ye yasima oluzzi luno. Yanywanga amazzi agaaluvaangamu, era n'ebisolo bye byanywanga amazzi gaalwo, era n'ebirala byonna. Ekyo si kirungi ekimala?"

N'agamba nti, "Naye amazzi goosena okuva omwo, ojja kulumwa ennyonta nate, olina okukomangawo wano okugasenanga. Naye," n'Agamba nti, "Amazzi Nze ge ndikuwa ga nsulo, ensulo ng'egawandula okuva munda, era go tokomawo wano kugasena. Gabeera wamu naawe."

60 Wetengereze. Naye bwe yazuula Ensulo eri mu Kyawandiibwa ng'eyogedde naye, okuyita mu kabonero k'Ebyawandiikibwa kaabaddenga anoonya, yaleka enkola ya Yakobo ey'ekibiina ky'eddini era teyaddayo gy'eri nate, kubanga yali azudde Olwazi olwannammaddala. Mukiraba? N'adduka n'agenda mu kibuga. Ng'avudde ku kibi. Nga takyali mukazi mwonoonyi nate. Yagamba nti, "Mujje, mulabe Oyo gwe nzudde, omusajja aŋŋambye byonna bye nnakola. Ono tayinza kuba nga ye Kristo Mwene?" Ye. . . ekidiba kiyinza okuba nga kyali kirungi; kyali kiweerezza omugaso gw'akyo. Kakaano yali ku Nsulo entuufu. Ekidiba kyali kirungi okutuusa ensulo entuufu bwe yaggulwawo. Naye ensulo entuufu bwe yajja awo, ekidiba ne kibulwa amaanyi gaakyo. Ye yazuula nga waaliwo ekifo ekisingako eky'okunywamu.

61 Era waliwo ekifo ekisingako. Era ekifo ekyo ekisingako, kiri mu Kristo. Mu kitabo kya Yokaana Omutukuvu 7:37 ne 38, Yesu Yagamba, ku lunaku olw'embaga y'ensisira esembayo nti, "Omuntu yenna bw'alumwanga ennyonta, ajje gye ndi, anywe."

Bonna bali bajjaganya. Baafunayooko. Baali bafunyeeyooko okusamukka kw'amazzi nga gafuluma okuva wansi mu kyoto, era-era bonna bali banywa okuva omwo, nga bwe bajjaguza, olwe mbaga. Era ne bagamba nti, "Ba kitaffe baanywanga okuva mu lwazzi olw'Omwoyo mu ddungu." Mulaba, nga baali beesimidde ekidiba, amazzi agaali galegamye ge baali basunze okuva awantu awamu, era nga gasammukka okuva wansi mu yeekaalu. Era nga bonna bakungaana okwetooloola awali amazzi gano nga bwe banywa, ne bagamba nti, "Emyaka egyayita, ba kitaffe banywanga eyo mu ddungu."

Yesu n'abagamba nti, "Nze Lwazzi olwo olwalinga mu ddungu."

Ne bagamba nti, "Twalyanga emmaanu okuva mu Ggulu, era Katonda ye Yagitonnyesa."

N'abagamba nti, " Nze mmaanu eyo." Ye, Ensulo eyo, yali Ayimiridde mu wakati waabwe. Ogwo omugaati ogw'Obulamu gwali guyimiridde mu wakati waabwe.

Era naye nga tebakyagala. Waakiri babeere n'ebididiba byabwe; kubanga, omuntu ye yali akoze kino, kyokka nga Katonda ye yali Asindiise Ekyo. Eyo y'enjawulo yennyini. Baali beesimidde ebididiba!

Ye n'Agammba nti, Omuntu yenna bw'alumwa ennyonta, ajje gye ndi, anywe." Ye y'Ensulo eyo.

Era ng'Ekyawadiikibwa bwe kigambye, "Okuva mu lubuto lwe mujja kuvaamu emigga egy'amazzi amalamu." Oo, Ye lwe luzzi olw'ensulo! "Okuva mu lubuto lwe, oba munda mu ye, mujja kukulukuta nga muvaamu emigga egya mazzi amalamu."

62 Oyo lwe Lwazzi olwo olwali mu. . . olwazzi lwa Agali, mu kiseera eky'obuzibu; omwana we bwe yali ng'ali kumpi n'okufa, bwe yali ng'agobeddwa okuva mu lu lusiisira, era ng'ali wabweru eyo ne mutabani we omuto Isimairi. Amazzi ge, mu kadiba ke ge yali atelese, gaali gaweddemu. Era n'agalamiza omuto Isimaeri wansi; n'atambula n'avaawo, n'addako mu banga ng'awalasibwa akasaale, era n'akaaba, era, Oo, kubanga yali tayagala kulaba mwana awe ng'afa. Era mu kiseera ekyo, Malayika wa Mukama n'Ayogera, era nazuula Bee. . . Beeruseeba, oluzzi olwaali lukulukuta awo, era lukyakulukuta ne leero. Ye yali Beeruseeba ya Agali, olwazzi ebweru mu ddungu eyo.

63 Lwali luyimiridde mu nsulo eno ejjudde omusayi, ku lunaku olwo, ng'ayimiridde eyo mu Yeekaalu. [Ebbanga ejjereere ku katambi_Omuk.] . . . akaseera akaakibuyaga. Mu Zekaliya essuula eye 13, Ye yali ensulo eyabikulibwa mu nnyumba ya Dawudi, olw'okulongoosebwa, era ne ku lwe kibi. Ye yeyali Ensulo

eyo. Era mu Zabbuli 36:9, yeyali Ensulo ya Dawudi ey'Obulamu. Era Yakyali Ensulo ey'omu nnyumba ya Dawudi.

Era mu Ttontoomi, mu mutima gwe eyo. Omutontoomi yagamba nti:

Waliwo Ensulo ejjudde Omusaayi,

Eggibwa mu misuwa gya Emanweri,

N'abonoonyi b'ennyika omwo,

Banaazibwa ebibi byabwe

Ye y'Ensulo eyo ey'Obulamu, Ensulo ey'Amazzi. Ye kye Kigambo kya Katonda.

64 Abantu ab'omu nnaku zino bamuvuddeko, Ekigambo eky'Amazima, Amazzi ag'Obulamu; era ne beesimira ebidiba mu bibiina by'amaddini; era, nate, beesimidde, baasima!

Era kaakano tukizuula nti, babadde n'ebidiba ebyawummuka. Era ebidiba bino bijjuddemu obuwuka obutakkiriza, obutakkiriza nga bwenyumiriza mu nteekateeka z'ebyenjigiriza, era n'ebirala bwebityo, ng'ate ebyo bikontana n'ebisuubizo bya Katonda. Abo babuusabuusa Ekigambo kya Katonda.

65 Kaakano, ebidiba bino bye balina, Baibuli yagamba nti, “Byawummuka.” *Ebidiba ebyawummuka* biba bidiba “Eitonnya”, era biba bitiiriisa wabweru. Biba bikola ki? Biba biyiwa mu bidiba bya kazambi eby'amadiini ebiyitibwa akakiiko k'ensi yonna ak'amakanisa. Era eyo ebidiba ebyawummuka gye biri mu kubakulembera bonna okugenda, kubanga baamuvaako, era Oyo Ensulo y'Amazzi amalamu; ne bakola ebidiba bino.

Baasimayo enkola ya seminaaliyo ennene ey'okuyiga, n'okusomesa, era n'ebirala. Ebyo by'ebika by'ebidiba bye bali mu kusima ne leero, anti omuntu alina okuba ng'alina Ph.D., oba ng'alina LL.D., oba ng'alina ddiguli esooka, oba ekintu ng'ekyo, nga tannaba na kugenda kubuulira. Ebidiba ebijjuddemu enjigiriza y'amadiini eyateekebwawo abantu. Babatwala mu masomero gano ag'amaanyi ag'okutendekebwa, era eyo ne babateekamu enjigiriza yaabwe ey'amadiini eyakolebwa abantu, era ne babasindika ebweru n'ekyo. Nnaku ki zino zetuli mu, ebidiba ebikoleddwa abantu! Tekyewuunyisa. . . tekyeewuunyisa ekintu kyonna kifuuse kivundu ekiwunya, oo, abange, kiri nti kubanga abantu banywa okuva mu ekyo.

66 Era abantu bwe baagala essannyu leero, kiki kye bakola? Abantu, mu kifo ky'okukkiriza essannyu lya Mukama, bakyukira eri kibi okufuna essannyu. Abantu abagenda mu kkanisa ne beeyita abaweereza ba Kristo, ate bwe batuuka mu kaseera ak'okutya ennyo ne bakoleeza ttaaba. Era bwe baagala okufuna essannyu bambala engoye zaabwe ezobukaba era ne beemaanyula ng'abasajja babalaba era nga tebeefiirayo, mbu basobole okubasiiya. Bakola kyonna okusobola okubeera abamanyifu. Baagala okufaanana abazanyi ba ffirimu ab'amaanyi. Eryo lye ssannyu lyabwe.

Ng'ate, Yesu Yagamba nti, “Nze kumalibwa kwabwe.”

Ensonga lwaki bagenda mu ebyo kubanga tebaagala kunywa kuva mu Nsulo. Bagyeggyako. Tebaagala kunywa kuva gy'Eri. Bo beegatta ku kika ky'enkola eyateekebwawo abantu, ekika ky'ekidiba nga kijjudde buli kika ky'ebintu ebiregamye, bo basobole okutambula bwe batyo.

67 Eggulo, twabadde tututte abaana engulu eyo ku mugga. Nzikkiriza gaali makya ga lwamukaaga. Ne tukkirira; Billy yali avuba mu lyato. Era ne tutwala abaana engulu, muzzukulu wange omuto n'abalala, muwala wange ne mutabani wange omuto, ne twambuka engulu ku mugga batuvugemu mu lyato. Wali tosobola na kufuna lyato ly'otambuliramu ku mugga ku lw'obugwagwa, obukyafu, n'abantu abakyamu abaali eyo ku mugga, nga kumpi bali bwereere nga bwe bakola ebyabwe. Eryato lyajja ne liyita ku mabbali gaffe, nga kuliko ekibinja ky'abaana abato abalenzi ab'emyaka kkumi n'ebiri ku kkumi n'etaano, nga buli omu alina eccupa ya bbiya mu mukono gwe, era ne ttaaba. Ekyo bo bakiyita kunyumirwa “Kunyumirwa.” Ha, abange! Ensi eno egenda kuwangaala kyenkanawa, ne kika ky'enkola ng'eyo?

68 Nate okusobola okweggyako ebirowoozo nti bwe banaafa bajja kugenda mu ggeyeena, ekintu kye bakola, bagenda ne beegatta ku bimu ku bidiba bino ebyakolebwa abantu. Kati n'olwekyo ekika ky'abantu be bamu ab'omu kidiba ekyo. Ssikirala wabula ekisaaganda ky'ebintu ebitali birongoofu, ebigwagwa, bikiwugira mu mazzi eby'emikira mu nsi. Era bo bakolagana n'ekyo kubanga, nga nnamukadde mmange omukadde bwe yayogeranga nti, “Ebinyonyi eby'ebyoya ebifaanagana bibuukira wamu.” Tebasobola kujja ku Nsulo balongoosebwe okuva mu bulamu obwo obw'ekibi. Baagala kubeera wabweru eyo, ate era nga bakyalina okujjulira nti Bakristayo. Lwaki? Bakyuka ne bamuvaako, Ensulo ey'Amazima ey'essanyu, obulamu, obulamu obutukiridde era n'okumatizibwa. Eyo y'ensonga lwaki baakikola, kubanga mbu baagala kwegatta. Balinayo abantu eyo abakkiririza mu bintu ng'ebyo.

69 Wano ssi bbanga ddene emabega, ow'Oluganda Fred era nange, n'Owoluganda Tom, bangi kuffe

twagenda mu kkanisa ya Ababaptist emanyikiddwa mu kibuga kya Tucson, okulaba oba nga tusobola okufunayo akantu akatono akasobola okutuwa oba oli awo enneewulira ennungi empya. Era omuweereza n'ayogerayo ekintu ku bantu abaali mu Misiri nti, we baaviirayo baali balya katunguluccumu era n'ebirala byonna, baali baagala kuddayo nate era balye ebyo. N'agamba nti, "Bwe kityo bwe kiri n'abantu olwa leero."

Era, ffe, buli omu n'agamba nti, "Amiina!" sirabanga ku bantu ng'abo! Ekkanisa yonna n'ejja amaaso ku mubuulizi ne batunula emabega okulaba abadde ani oyo agambye nti "Amiina." Ayagala okubatiisa kaabula kata bafe. Tebamanya kiki kye kyali.

Ng'ate, Dawudi yagamba nti, "Muleekaane n'okuleekaana okwessannyu eri Mukama. Mumutendererereze ku nnanga! Mumutendereze n'entongooli! Leka buli kirina omukka kitendereze Mukama. Era mwe mutendereze Mukama!" Katonda asanyukira mu bantu be. Leka abo abayivu, bagambe nti, "Amiina," ekintu kyonna bwe kiba nga kyogeddwa mu butuufu.

70 Lwaki temukyuka ne muva ku nkola zino n'ebidiba by'ensi, ne mudda ku nkola ya Katonda enneesigwa, nga lwe luzzi olw'Ensulo, Yesu Kristo? Lwaki temumukyukira, nga Katonda bwe bugabirizi bwaffe obw'omuyiika obw'essannyu, obugabirizi bwaffe obw'omuyiika obw'amatendo, obugabirizi bwaffe obw'omuyiika mu kumatizibwa? Obukakkamu bw'obusimu bwange obw'omu mubiri gwange buva eri Katonda.

Bwe mba nga njuliseyulise, nfuuna okumatizibwa kwange okuva eri Mukama, si mu taaba, si mubintu ebyensi, si mu kwegatta ku biyiiye; naye mu kumuzuula, Ekigambo ekyasuubizibwa ekyo kye Yayogera, "Bwe nnaaba ŋŋenze, nja kukomawo nate mbanone." Nfuna essannyu lyange mu ekyo. Ye lye ssanyu lyange.

71 Bagamba leero nti, okwegatta ku bintu bino era n'okukola Akakiiko kano ak'Amakkanisa ak'Ensi yonna, mbu bagenda kukola ekifo ekisinga obulungi eky'okubeeramu. Okuteesa kwange okw'amazima kuli nti, bagenda kukola kifo kirungi eky'okwonooneramu. Ky'ekyo kyennyini. . . Ekintu kyonna kibi, mu ngeri yonna; si kyakubeeramu, wabula okufiiramu. Beekolere ekifo okutuulamu oba okwonooneramu, mu kifo ky'okubeeramu.

Ekintu kyonna wabweru wa Yesu Kristo era n'Ekigambo Kye eky'Obulamu, kidiba ekiwummuse. Ekintu kyonna ekigezaako okutwala ekifo kyakyo; ekintu kyonna ky'ogezaako okukola okwereetera emirembe, ekintu kyonna ky'ogezaako okukola okukuleetera okubeerwa, ekika ky'essannyu kyonna ky'ofunna okuva mu kintu ekirala kyonna, okutwala ekifo kya kino, ekyo kidiba ekyawummuka ekijjudde obugwagwa. Ye y'Agaba okumatizibwa okutuukiridde.

72 Nzijukira wano, mu biseera by'omusana ebiyise, nnafulumira mu luggi lw'emabega. Waaliwo omuvubuka ayogera ennyo omuto wabweru eyaŋŋamba nti, yagamba nti, "Omanyi, ensonga lwaki buli kiseera oyogera ku bakazi bw'otyo, okwambala empale ezo era n'ebintu," n'agamba nti, "Kubanga ggwe oli musajja mukadde." N'agamba nti, "Eyo y'ensonga lwaki kiri bwe kityo."

Ne mmugamba nti, "Tunula wano. Olina emyaka emeka?"

N'anziramu nti, "Abiri mu musanvu."

Ne mmugamba nti, "Bwe nnali muto ennyo okukusinga, nnabuulira kintu ky'ekimu."

Nnazuula Ensulo ey'okumatizibwa. Ye gwe mugabo gwange. Amiina! Ye kasita aba ng'Agabirira ekyo, obwo bwe bulungi. Ekyo -ekyo kwe. . . kye kisanyusa, kutunuulira Ye, okulaba ng'omukono Gwe gukola era n'okulaba kiki ky'Ali mu kukola. Tewali nsulo ndala gye manyi!

Oo, ng'okukulukuta kwa muwendo

Okunfuula omweru ng'omuzira

Sirinaayo nsulo ndala gye mmanyi

Tewali kirala okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

Waliyo Ensulo ejjudde Omusaayi,

Okuva mu misuwa gya Emanweri

N'abonoonyi b'ennyikka omwo

Banaazibwa ebibi.

73 Mbabuulira, tewali nsulo ndala gye mmanyi naye Ensulo eyo. Yantukuza bwe nnali omujama. Enkuuma ntukula, kubanga njagala kubeera mutuufu gy'eri, nywa amazzi gano amaggya agajjuzza emmeeme yange

n'essannyu.

Nsobola okubera nga ndi wansi mpeddemu nnyo, era nga mpulira sikyasobola na kweyongerayo mulundi mulala, nga sisobola kugenda walala wonna; awo nno nsobola okufukamira wansi ne nteeka olugalo lwange kukisuubizo, era ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, Ggwe maanyi gange. Ggwe kumatizibwa kwange. Ggwe byonna mu byonna wange." Ntandika okuwulira nga waliwo okutokota munda mu nze. Awo ne nkivaamu.

74 Kaakati nga bwe nsusizza emyaka amakumi ataano egy'obukulu. Kisoboka okuzuukuka amakya agamu, omanyi engeri gye kirimu, kumpi tosobola na kusitula kigere ekyo ekimu mu buliri. Abange, oba kumpi tosobola kukikola; era omuntu ali ku luggi, ng'akonkona, oba Billy n'aŋŋamba nti waliwo ekiteekwa okukolebwako amangu ddala, awantu awamu we nnina okugenda. Era ne ndowooza, "nnyinza kukikola ntya?" Ne ngezaako okuteeka ekigere ekimu wabweru.

Ndowooza, "Ye Ggwe nsulo yange ejjudde amaanyi gange. Amiina! Amaanyi gange era obuyambi bwange obuva eri Mukama. Ye Ggwe luzzi lwange olw'ensulo! Ye Ggwe buvubuka bwange! 'Abo abalindirira Mukama balizzibwamu buggya amaanyi gaabwe; bajja kutumbiira waggulu n'ebiwaawaatiro ng'empungu; bajja kudduka so tebalikoowa; bajja kutambula, so tebalizirika.' Mukama Katonda, guno gwe mulimu gwange, okugenda. Mpitiddwa mu kifo ky'okukola kwange." Era ekintu ky'osooka okumanya, ekintu kitandika okwefukuta munda munze.

75 Luli, eyo mu kafo akotono, nnalinayo olukuŋŋaana mu Topeka, Kansas; waaliwo omulenzi, omubuulizi omuto, omu ku bayambi bange mu by'ensimbi abasooka. Ow'oluganda Roy, atudde wano, akijjukira ekifo. Mu kino, mu kifo kino ekikulu eyo, waliyo omu. . . Omuweereza ono yali atuuse wansi w'akasolya oba ekifo, era ekitundu ky'ekisenge ne kimugwira wansi w'ekyo. Musajjawatu ono yali agenda kufa. Ekibumba kye kyali kyabise. akalulwe ke kali kavudde mu kifo kyako. Ebintu ebizitowa byamugwako.

Ne ntuula ku ky'enkya, nga bwe njogera eri omukyala. "Mukyala, omanyi, singa Yesu abadde wano, omanyi kiki kye Yandikkoze?" Ne ŋŋamba nti, "Bwe yanteekamu ssente, 'Nzikkiriza Ekigambo ekyo,' yali ali mu kuteeka ssente mu Kristo." Era ne ŋŋamba nti, "Ako kakodyo ka Setaani." Ne ŋŋamba nti, "Singa Yesu abaddewo wano, Yandigenze n'Amutekaako emikono Gye emitukuvu. Omulenzi oyo yanditeredde. Sifaayo oba ekibumba kye kyabise. Aba ajja kutereera, kubanga Yesu aba ajja kuyingirayo munda eyo ng'Amanyi mazima ddala y'ani. Yali amanyi okuyitibwa kwe. Ekyawandiikibwa kyali kituufu. Nga kyoleka mu ye nti yali Amanyi ono y'ani, era nga si...nga temuli wadde okubuusabuusa. Yalimutaddeko emikono Gye era Agambe nti 'Mutabani, beera bulungi,' tambula oveeyo." Era ne ŋŋamba nti, "Olwo tewalibaddeyo mizimu mu ggeyeena gimala kutta mulenzi oyo." Ne ŋŋamba nti, "Agenda kubeera bulungi." Naye ne njogera nti, "Olaba, mukwano, yali Yesu emikono gya Katonda emitukuvu."

Ne ŋŋamba nti, "Nze ndi mwonoonyi. Nnazaalibwa mu kuzaalibwa okwokwegatta. Kitange ne mmange bombi bali boonoonyi, era nze sirina kalungi konna."

Era ne ŋŋamba nti, "Naye omanyi ki? Singa Mukama Ampa okwolesebwa era n'Ansindika emmanga eyo, olwo nno ekyo kiba kya njawulo." Ne njogera nti, ŋŋenda kugenda emmanga eyo muteekeko emikono gyange, ajja kuva mu kitanda singa Ampa okwolesebwa."

76 Kaakati awo ne ntuuka okulowooza,nti "Kasita, bwe kuba nga kwolesebwa, kyabadde kiki? Engalo zeezimu enjama ku ye, Uh-huh, omuntu y'omu amusabira, emikono emijama gy'egimu."

Kati awo ne ntandika okulowooza, "Nze ndi mukiise we. Awo, Katonda talaba nze. Wabula Omusaayi gw'omutuukirivu Oyo oguli awo ku Kyoto; gwegayirira ku lwange. Oyo ky'Ekimala kyange. Ye y'essaala yange. Ye bwe Bulamu bwange." Ne ŋŋamba nti, "Ekintu kyokka ekyandindeetedde okumuteekako emikono gyange, awamu n'okukkiriza, kubanga nnali nnina okukkiriza mu kwolesebwa. Era awatali kwolesebwa, okukkiriza kwe kumu kwandikoze ekintu ky'ekimu; n'olwekyo sirina kye nneebalira kyonna, naye byonna mbibalira ku Ye Oyo byonna mu byonna wange. Oyo bwe Bulamu bwange. Ye Antuma. Tewali kibiina kya ddiini kyantuma; Ye Yantuma. Aleeruuya! ŋŋenda mu Linnya Lye. Nja kumuteekaako emikono gyange." Ne nzikkirira emmanga eyo okuteeka emikono gyange ku mulenzi ono, era ekiro ekyo yali mu munkuŋŋaana, ng'ali bulungi nnyo. Amiina!

77 Oo, Yee, Oyo y'Ensulo eyo. "Tewali nsulo ndala gye mmanyi. Tewali okuggyako Omusaayi gwa Yesu!" Nze mpunya, nze ndi kiwagi, era buli omu kufe bwali, naye mu maaso ga Katonda tutuukiridde. Je. . . " Mmwe mubeere batukuvu, nga Kitammwe mu Ggulu bwali Omutukuvu." Osobola otya okukibeera? Kubanga oyo atuukiridde Yatukiirira waggulu eyo. Ensulo eyo weeri buli lunaku, nga mpya. Si kintu ekiregamye, naye nga mpya buli lunaku, eyo enaaza ebibi byange byonna. Oyo y'Ensulo eyo.

78 Kakaano nga nzigalawo, nnyinza okwogera kino. Ekyintu kyonna eky'enjawulo ku kino ekyo kidiba ekyawummuka, era ku nkomerero kijja ku tonnya kiyiwe ebyo by'okitaddemu; bw'oba ng'otadde essuubi lyo lyonna, obudde bwo bwonna, era n'ebirala byonna, mu kimu ku ebyo ebidiba ebyalegama. Yesu yagamba nti byali bidiba ebyawummuka. Katonda yagamba nti, "Byawummuka, era byonna bijja kutonnya

biyiwe byonna by'otaddemu." Tosobola kugenda wala nabyo, 'Kubanga bijja kutonnya biyiwe. Kubanga ye yekka ly'ekkubo eri amazima, era n'eri essannyu ery'olubeerera, era n'emirembe egy'olubeerera, era emirembe egy'olubeerera. Ye yekka era ekkubo lyokka erikutwala gye kiri. Oh, abange!

Ensulo ey'Obulamu etakalira ye Yesu Kristo. Lwaki? Era ye y'ani? Kigambo, y'omu; Ekigambo, Obulamu, Ensulo, y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Omukkiriza omutuufu, lino ly'essannyu ery'okuntikko, Obulamu bwe obw'okuntikko. Era okumatizibwa kwe okw'okuntikko kuli mu Kristo. Tewali kusunda, tewali kusika, tewali kwegatta, tewali kusasuzibwa nsimbi; wabula kukkiriza bukkiriza n'okuwummula. Ekyo Ye ky'Ali eri abakkiriza.

79 Nga Kitaffe Ibulayimu; ye teyasikako, ye teyatyako, ye teyeraliikirirako. Yalina Ekigambo. Yali yeesigamye ku mabeere ga Eli Shaddai. Ibulayimu bwe yali nga wa myaka kikumi egy'obukulu, Katonda Yamulabikira, era n'Agamba nti, "Nze Muyinza w'ebintu byonna." Ekigambo eky'Olwebulaniya kiri Eli Shaddai, ekitegeeza nti, "Oyo Ayonsa." "Ggwe oli mukadde, era n'amaanyi go gagenze, naye ggwe galamira ku kifuba Kyange era onywe amaanyi go okuva mu Nsulo eno." Amiina! Kiki kye yanywa okufuuka? Omubiri omuggya. Yafuna omwana, mu Saala. Era, nga wayiseewo emyaka ataano, yafuna abaana musanvu mu mukazi omulala.

Oh, Eli Shaddai! Endagaano enkadde eraga kiki kye Yakola, ate Endagaano Empya etugamba ky'Agenda okukola. Amiina! Mu Ndagaano Enkadde. . .

80 Kakaati empewo evuddeko, n'olwekyo ŋŋenda kwanguwa kale nve ne wano, mu ddakiika.

Nandyagadde okwogera kino nga sinnaba kumaliriza. Nnalinako eky'okulabirako ekirungi omulundi gumu. Nnali ndi mu kutambulamu nga nneetooloola. Era nga waliwo abantu bangi wano. . . wansi wano okwetooloola Georgetown, emmanga eyo mu milltown, eyo wateranga okubeerayo, ensulo nnyo mu nsozi. Lwali luzzi lwa nsulo. Lwakulukutanga mu fuuti nnya oba ttaano mu kagga akatono ak'amazzi, buli kaseera gabeera gesindika waggulu, era nga waliwo awo ensulo ey'amaanyi. Era okugyetooloola awo waliwo wano eby'ekirangira. Omanyi era n'ebintu nga bikulira awo. Eyo ebiwoomerera. Era, Oh, nnalina ennyonto okutuukawo, Oh, abange, okutuuka ku nsulo eyo. Nga nnyinza okugalamira okumpi nekintu kino n'okunywa era okunywa, ne ntuula ne wansi ne nnywa, nga bwe nninda.

Era mwaka ku mwaka nnakomangawo ku nsulo eno y'emu. Teyakoma awo, mu bunnyogovu, oba mu musana. Tebyasobola kugikwasa balaafu. Tosobola kukwasa balaafu luzzi lwa nsulo. Oh, nedda! Oh, nedda! Sifaayo kakaati oba -oba kinnyogoga kwenkaana ki, kiba tekigenda kukwata balaafu. Osoboola okukwasa balaafu ekidiba; obunnyogovu butono obusobola okukola ekyo. Mukiraba?

Naye ekintu kyonna ekiba kitambula, nga kirina obulamu mu kyo, nga kitambulatambula. Era tosobola ku kwasa balaafu luzzi lwa nsulo. Sinsonga okunyikira kw'Omwoyo ogwetooloodde ekifo. Oluzzi luno buli kiseera lubeera lulamu. Beera ku luzzi.

81 Era nneetegerezza bwe nnagendayo ne nnywa okuva mu yo, era, Oh, abange, amazzi ago amaggya! Wali tolina kweraliikirira, "Kwewuunya, oba bwe nnatuukayo, simanyi oba ganaaba galekeddwaawo okukulukuta?" Gabeera gakulukuta. . .

Omulimi omukadde yaŋŋamba nti, yagamba nti, "Nnamukadde jjajja musajja yanywanga okuva mu lwo." Era n'agamba nti, "Terukendeerangako oba ekintu kyonna. Lukyali luzzi lwe lumu, lufukumula amazzi gaalwo mu mugga ogwa Bbulu."

Ne ndowooza, "Oh, abange, nga kifo kirungi okuyiwamu amazzi!" Nsobola okutambula ekitundu kya mmayiro okuva mu kkubo, okutuuka ku kifo ekyo, kubanga kyali kifo ekyannammaddala okunywamu. Oh, amazzi gali nga gaali malungi! Ha, abange!

Nga nsobola okugenda ebweru eyo mu ddungu, mu Arizona kakaati, nkyagirowoozaako, "Oluzzi olwo olw'omuwendo emmanga eyo, singa kale nsobola okugalamira ku lwo!"

Nga Dawudi ku mulundi gumu bwe yagamba nti, "Oh, singa kale nsobola okunywa okuva mu luzzi olwo omulundi gumu!" Kale singa yali asobola okutuukayo!

82 Olunaku lumu nnatuula wansi, waaliwo ekintu kimu ekitategeerekeka ekyantuukako. Era ne ŋŋamba nti, "Kiki ekikusanyusa ennyo buli kiseera? Muli ŋŋamba nti singa nange nsobola okubeera omusanyufu bwe ntyo. Lwaki, sikulabangako ng'oli munakuwavu, okuva lwe mbadde nga nzijja wano. Tewaaliwo kintu kya nnaku ku ggwe." Ne ŋŋaamba nti, "Gwe buli kisera obeera ojjudde essannyu. Obeera obuka ng'oli mukyamufu era gwe bwotyo bw'obeera. Mu musana oba mu bunnyogovu, bbugumu oba bunnyogovu, kyonna kye kiri, buli kaseera obeera ojjudde essannyu. Kiki ekikufuula. . . ? kiki, kiki ekyo? Kubanga nnywa okuva mu ggwe?"

"Nedda."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, ob'oli awo obumyu bunywa okuva mu gwe, era ng'okyagala bulungi nyo."

“Nedda.”

Ne ŋŋamba nti, “Kale, kiki ekikuleteera okubeera omukyamufu ennyo bw'otyo? Kiki ekikusanyusa ennyo? Kiki ekikuleteera okubeera nga buli kiseera ojjudde essannyu?” N'agamba nti, “Kiri lwakuba ebinyonyi binywa okuva gy'oli?”

“Nedda.”

“Kubanga nnywa okuva gyoli?”

“Nedda.”

Ne ŋŋamba nti, “Kale, kiki ekikuleetera okubeera ng'ojjudde essannyu?”

Era singa oluzzi olwo lusobola okunnyanukula, lwandigambye kino. “Ow'oluganda Branham, tekiri lwakuba onywa; ekyo nkikwebaliza, era kubanga nsobola okugabirira ebinyonyi. Ngabirira buli muntu yenna ayagala okunywa. Ekintu kyokka ky'olina okukola kiri nti jjangu wano onywe. Naye, nze ekinfuula omusanyufu, sinze nneekyamusa, ekintu kiri munda, kinsindika. Waliwo ekintu ekikyamuka munze.”

Era bwe kityo bwe kiri n'Obulamu obujjudde Omwoyo. Nga Yesu bwe Yayogera, yali. . . okiraba, akukuwa enzizzi z'amazzi nga gakulukuta eri Obulamu Obutaggwaawo, oluzzi lw'ensulo, nga lukulukuta bwe lufuuwa amazzi buli kiseera agakulukuta. Oba ekkanisa yonna eri waggulu oba wansi, oba okyali ku luzzi olwo.

Lwaki otwalamu enkola y'ekibiina ky'eddiini enkadde awamu n'ebidiba, ebijjudde embuukizi n'ebirala byonna, n'onywa okuva mu ebyo ebintu ebyalegama, ng'ate oyaniriziddwa ku Nsulo era oluzzi olw'ensulo?

83 Ndowooza engeri gye yesindiseemu, n'ebuukabuuka, n'etokota, n'eseka, n'esanyuka, n'ebuuka, n'ezannya olw'essanyu. Ng'ennyogoga, mu nkuba; ng'eyokya, ng'ekaze, ensi yonna ng'eri mu kukala, ng'eri mu kukyamuka nga bulijjo bwe kibeera. Kubanga yali mpanvu, ng'esimbiddwa, wala wansi eyo mu njazi nga mweva.

Oh, leka mbeerewo ku lw'ago agafuuwa! Twala enkola zonna ez'abantu z'oyagala, zonna enzizzi zo ezaalegama, naye ndeka nzijje eri. . . oba ebidiba ebyalegama. Naye, ndeka nzijje eri ensulo eno, ndeka nzijje awo Ye w'Ali ng'ajjudde. Ye lye ssannyu lyange. Ye ky'Ekitangaala kyange. Ye ge Maanyi gange. Ye ge Mazzi gange. Ye bwe Bulamu bwange. Ye ye Muwonya wange. Ye ye Mulokozi wange. Ye ye Kabaka wange. Byonna bye nneetaaga biri mu Ye. Lwaki nandyagadde okugenda eri ekintu ekirala kyonna?

84 Ow'oluganda, Mwanyinazze, tewandyagadde kujja eri Ensulo eno olwa leero? Tewandyagadde kujja, bw'oba togendangayo, tokifune olwa leero nga bwe tukoteka emitwe gyaffe?

Ebidiba ebyawummuka, ebitonnya, ebitiiriika, ensi yeebiyiwamu obugwagwa okuva ku biyumba by'omu nnaku endala. Lwaki si luzzi luno, ebintu ebyo mwe bitasobola kusigala, eno Ensulo ey'amaanyi ejjudde Omusaayi, ogwava mu misuwa gya Emanweri? Lwaki tofuna ekyo olwa leero? Leka Katonda Atuyambe olwa leero, mu nsi eno enkalu erumwa ennyonta. Nga nnabbi bwe yagamba nti, “Ye lwe lwazi mu nsi ekooye.” Ye ye Nsulo eyo. Temwandyagadde kujja gy'Ali olwa leero, mu mitima gyammwe, nga bwe tusaba?

85 Ai Kitaffe ow'omu Ggulu, tewaliiyo nsulo ndala, ng'ennyimba bwe zizannya, “Tewali nsulo ndala gye mmanyi; tewali okuggyako Omusaayi gwa Yesu.” Nze omwo mwe nnazaalibwa, gye nkulidde; njagala kubeera mwo, era nfiire eyo, era nzuukirire eyo, mu Kubeerawo Kwe. Buli kiseera, Mukama, leka mbeere mu Kubeerawo Kwe, kubanga tewali mulala gwe mmanyi. Tewali kiyiiye, tewali kwagala; tewali kwagala wabula Kristo, tewali kiyiiye wabula Kristo, tewali kitabo wabula Baibuli, tewali kintu kirala kyonna. Tewali ssannyu wabweru We. Munzigyeko, Ai Katonda, sifaayo byenkana bitya eby'ensi bye nnina, era bijja kuba bifu, nsobola kutambulatamula ng'emikono gyange giri waggulu ku mutwe. Munzigyeko, Mukama nja kuba ŋŋenze. Naye muleke Abeere mu nze, olwo Desemba ajja kuba mulungi nga Maayi, kaakati nga awo tewali bifo byokya na bifo binnyogoga, n'okufa kwennyini tekulina buwanguzi. Leka tubeere Naye, Kitange. Mugabe mu bungi, eri buli mukkiriza wano olwa leero, nga bwe balindiridde mu kisenge wano.

Bangi ku bo balina okuvuga ku luguudo olwa leero, nga baddayo mu maka gaabwe, era leka eno ebeere endowooza yaabwe, “Ndi mulamu ku nsulo eyo. Eyo gye mbeera, nga nnywa amaggya, buli ssaawa.”

Era bwe babeera ng'ekyo tebanakifuna, leka bamufune kakaano, basobole okutwala Ensulo wamu nabo. “Nja kugenda nammwe; nja kubeera nammwe okutuusa ku nkomerero y'ensi.” Tuwe ebintu bino, Taata.

86 Era kaakano nga emitwe gyaffe tugikotese, waliwo omuntu yenna munda wano, olwa leero, oba bameka abayinza okugamba nti, “Mukama, ntwala eri ensulo eyo kakaano. Sazze wano kuwulira buwulizi; nazze wano okubeerako kye nzuula. Nazze wano kukuzuula, Mukama. Nnina ekyetaago eri Ggwe olwa

leero. Jjangu mu mutima gwange kakaati. Onookikola, Mukama?” Katonda Akuwe omukisa. Mukama awe buli ssekinnoomu ku mmwe omukisa.

87 Kitange, olabye emikono, waggulu n'okwetooloola ekisenge, era ne mu bisenge ebirala, wabweru. Obalabye, Kitange. Nsaba nti ogabirire buli kintu kye beetaaga. Leka abo ababadde banywa okuva ku kidiba ekikadde, Mukama, bakome awo mu masekkati balekere awo owali omuntu eyasima ekidiba, kizzeemu obukyafu obwa buli njigiriza etategerekeka, ne bagaana Ekigambo. Nsaba, Katonda, nti olwa leero bajja kujja eri Oyo nga y'Ensulo eyo, eyo y'Ensulo ey'Obulamu. Kituwe, Taata. Mbakukwasa gy'Oli kakaano mu Linnya lya Yesu.

Era waŋŋamba nti, “Bw'onaasaba ekintu kyonna mu Linnya lyange, kijja kukolebwa.” Kaakano, ssandisabye kino, Mukama, singa mbadde ssirowooza nti kigenda kukolebwa. Nandibadde nkyogerera mu bulombolombo obwa buli lunaku. Naye mbasabira, n'obwesimbu. Mbasabira, nga nzikkiriza nti Ojja kubawa kye Wasuubiza.

Era kaakano mbaggya okuva ku kidiba ekyo olwa leero. Era mbaggya okuva mu kifo ekyo mwe babadde nga banyweera, gye babadde tebakkutira; eri Ensulo eno. Nkikkola mu Linnya lya Yesu Kristo.

88 Bano babo, Mukama. Leka banywe okuva mu Ggwe, Amazzi amalamu, ensulo ey'Amazzi amalamu. Mu Linnya lya Yesu, nkisaba. Amiina. Kituwe, Mukama.

Oh, Ensulo nga nnungi,

Ennaaza ng'omuzira,

Teri nsulo ndala,

Wabula Omusaayi gwa Yesu.

Kiki ekinnaaza nze?

Ogwo gwe Musaayi gwa Yesu;

Kiki ekinanzizawo?

Ogwo gwe Musaayi gwa Yesu.

Ai Yesu, wonya bano, Mukama! Kituwe, Mukama, okuyita mu Linnya lya Yesu. Nsabye, Katonda, nti Ggwe. . . ?. . . Ggwe omanyi ebintu byonna.

Teri Nsulo ndala,

Wabula Omusaayi gwa. . .

Kirowoozeeko, tewali nsulo ndala gye mmanyi! Sirina kintu kirara kye mmanyi wabula Ye. Ssaagala kumanya kintu kirara kyonna wabula Ye. Tewali kirara okuggyako Omusaayi gwa Yesu.

Oh, ensulo nga nnungi,

Ennaaza ng'omuzira,

Teri nsulo ndala,

Wabula Omusaayi gwa Yesu.

89 Nga bwe tuyimba ekyo n'era, leka twekwate mu ngalo. Mwagalana? Eriyo omuntu yenna munda wano alina ku munne ensonga? Bw'aba nga waali, genda okitereeze. Onaagenda? Leka tuleme kuva wano bwe tutyo. Mukiraba? Bw'oba olina ensonga ku muntu yenna, genda ogitereeze, kaakano. Essaawa eno gwe mukisa gwo okugendayo, ogambe nti, “ow'Oluganda, Mwannyinaze, nnina kye nnakwogerako, nnina kye nnalowooza. Ssaakitegeeza ku kikola ekyo. Nsonyiwa.” Mukiraba, eyo y'engeri ey'oukikolamu. Leka tubeere n'ensulo mu masekkati gaffe, ekiseera kyonna. Mukiraba?

Teri nsulo ndala,

Wabula Omusaayi gwa Yesu.

Oh, ensulo nga nnungi,

Ennaaza ng'omuzira,

Teri nsulo ndala,

Wabula Omusaayi gwa Yesu.

Oh, si mulungi nnyo? Tewali nsulo ndala! Tetujja kwekyafuwaza n'ebintu ebirala. Twawukanye, ensi tugirese emabega. Tetukyayagala katunguluccummu we Misiri n'ebidiba ebyawummuka. Tuli mu lugendo ne Mukama Yesu, olwo olwazi olw'okubibwa, amiina, nga tulya emmaanu okuva waggulu, era nga tunywa; bamalayika abalya' emmere, era nga banywa okuva mu lwazi. Amiina.

Tewali nsulo ndala,

Wabula Omusaayi gwa Yesu.

Kaakano leka tuvuunamye emitwe gyaffe.

90 Nga nsaba nti Katonda mwenna Abawe omukisa ogw'amaanyi, nti ekisa Kye n'okusaasira Kwe bijja kubeera nammwe okuyita mu wiiki ejja. Era ekintu kyonna bwe kibeerawo, nti omu ku mmwe n'afa kaakano, jjukira bujjukizi nti ogenda kwebakira ssaawa ntono era n'okuwummula okutuusa bwe tunaansisinkana. Jjukira, Nti, "Abo abakyali abalamu era abakyaliwo tebajja kulemesa abo abeebase, kubanga ekkondeere lya Katonda, ekkondeere erisembayo. . ." ery'omukaaga lyakafuuyibwa. Era ekkondeere erisembayo, ng'envumbo esembayo, kwe kujja okubeera okujja kwa Mukama. "Ejja kufuuyibwa, era abafu mu Kristo be bajja okusooka okuzuukira." Bawummuddemu okutuusa mu kiseera ekyo.

Era bw'ofunanga okulumwa, Jjukira:

Twalanga Erinnya lya Yesu,

Ng'engabo okuva eri buli mutego;

Era ebikemo bwe bikuŋŋaana ne bikwetooloola,

Gwe ssa bussa erinnya eryo ettukuvu mu ssaala. (Ddayimooni zijja kudduka.)

Ggwe jjukira nti, tusuubira okusisinkana wano amakya ga Sande ejja. Muleete abalwadde n'abanyigirizibwa. Nja kuba nga mbasabira. Mmwe munsabire kaakano. Munaakikola? Gamba nti "amiina." [Ekibiina ne kigamba nti, "Amiina." -Omuk.] Nja kubasabira, nti Katonda Abawe omukisa.

. . . Erinnya mu kusaba.

Erinnya lya muwendo, Erinnya lya muwendo,

Oh nga liwooma!

Essuubi lye nsi, ssannyu lye Ggulu;

Erinnya lya muwendo, oh nga liwooma

Essuubi lye nsi, ssannyu lye Ggulu.

Erinnya lya Yesu nga tulivunnamira,

Nga tweyala ku bigere bye,

Kabaka wa bakabaka mu Ggulu tulimuttikkira engule,

Olugendo lwaffe nga luwedde.

Erinnya lya muwendo, Erinnya lya muwendo, (Ssi liwoomu era si lya muwendo?)

Essuubi lya nsi, ssannyu lye Ggulu;

Erinnya lya muwendo, Erinnya lya muwendo,

Oh nga liwooma!

Essuubi lya nsi, ssannyu lye Ggulu.

91 Bulijjo kibeera kizibu okubalekawo. Wadde nkimanyi nti muli mu kubumbujja, naye waliwo ekintu ku. . . Leka, olunyiriri olulala, munaakikola? [Ekibiina kigamba nti, "Amiina."-Omuk.] Munaakikola? *Atenderezebwe Oyo atusiba mu kwagala*, mwanyinaze. Bameka abamanyi oluyimba olukadde? Twateranga okuluyimba, emyaka egiyise.

Era mbadde ndowooza, olwa leero, "Emikono ebiri, mu nkumi n'enkumi, abasigaddewo," bwe twayimbanga oluyimba olwo wano mu kuŋŋaaniro, ne tugatta emikono gyaffe fekka na fekka. *Atenderezebwe oyo atusiba mu kwagala*. Nziise bangi ku abo, wano wennyini mu limbo. Baali mu kulinda. Nja kuddamu mbalabe nate. Mbalabe nate, nate mu kaseera, mu kwolesebwa, bwe ntunula ebussukka w'eggiggi. Gye baali eyo.

Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano nga bwe tuyimba.

Atenderezebwe oyo Atusiba mu kwagala;

Emitima gyaffe mu kwagala kwe ki Kristayo

Okutabagana . . .

Kulinga ekyo waggulu.

Bwe tu. . .

Kaakano katusembere era tubeereko omukono gw'omuntu omu gwe tukwata.

. . . twawukane,

Kaakano koteka omutwe gwo.

Kituwa obulumi bw'omunda;

Naye era tujja kugattibwa mu mitima,

Era tusuubira okuddamu okusisinkana nate.

Emitwe gyaffe nga tugikotese. Kanzizeeyo okusaba eri omusumba kaakano, era musiibuddwa. . .

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7